Lwaki Omwoyo Omutukuvu Yaweebwa?

Mukiraba, Ow'oluganda Neville akkiririza mu kussaako emikono.

Nkiraba nti nninawo ebibuuzo ebiwerako. Kati, bino nja kubikwatako enkya akawungeezi, kubanga ssirina budde bumala kusobola kubibayitiramu akawungeezi kano, ob'olyawo bikwata ku Bubaka obwabuuliddwa ekiro kya jjo. Kati, bwe wabaawo omuntu yenna alina ekibuuzo ekikwata ku Bubaka bwonna, ebibuuzo ebyo mubireete lumu akawungeezi, nze nja kuba nsobola okubyogerako akawungeezi akaddako.

2 Kaakati, akawungeezi k'olw'enkya nnandyagadde okuba, manyanga okufunayo, abaweereza, bwe kiba kisoboka; bwe kiba tekisoboka, waakiri, abasajja abanywevu obulungi oba abakazi be tusobola okuyita singa wabaawo obwetaavu, ne kiba nti singa . . .

Enkya ekiro tujja kutandika, Obubaka bwe bunaaba buwedde, okussa emikono ku bantu, ne, olw'okufuna Omwoyo Omutukuvu. N'ekirala, wajja kubaawo . . . Oli wa ddembe okusigalira ddala wano bw'oba oyagadde, okuyita mu nnaku enkulu zonna, bwe kiba kikwetaagisa okumala ebbanga eryo lyonna okusobola okufa. Naye ate—naye, bw'oba toyagala kusigala wano, bw'obeera oyagadde kugenda mu maka go gy'obeera, tekirina buzibu, tunaasanyuka, ssinga onaabako ekifo ky'ofunye w'oyinza oku . . . Oba bw'onaabeera nga tomanyi wa kulaga . . .

Twagala tufuneyo ku baweereza abamu, ennamba zaabwe ez'essimu, bwe wabaawo omuntu yenna nga mugenyi; tufune ennamba ye ey'essimu, ne gy'abeera, tusobole okufuna bwe tumutuukako mu bwangu ddala; tube nga ku baweereza tusobola okubaako ne gwe tusindika mu maka agamu, n'omulala mu maka amalala, n'omulala mu maka amalala, basobole okubalunnamya ku bye mulina okukola, mmwe abagenda okunoonya omukisa guno omukulu gwe twogerako, ogw'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

3 Ekiro kya jjo twabadde twogera ku, "kiki ky'Ali." *Omwoyo Omutukuvu Kiki Ky'Ali?* Era twamuzudde okuba nga kyenkana Ye buli kimu kyonna, Katonda kye yatusuubiza. Uh-huh. Mu Ye twakizudde nti alimu byonna Ekkanisa ya Katonda bye yeetaaga. Twamuzudde okuba nti Ye nvumbo, ye Mubeezi, ye kiwummulo, era y'essanyu, n'emirembe, wamu n'okuzuukira.

Era byonna Katonda bye yasuubiza eri Ekkanisa Ye, biri munda mu Mwoyo Omutukuvu.

4 Kati kaakano, akawungeezi ka leero, twagala okubuulira ku, manyanga okwogera ku, okuyigiriza ku. . . Mpezaawo wano kyenkana empapula nga ssatu oba nnya eziriko eby'okwogerako, manya Ebyawandiikibwa, ebimwogerako, nga mu byo. . . Jjo ekiro Endagirira-byawandiikibwa yange eyawandiikibwa Cruden nnagirese egalamidde wano, ssaagenze nayo. Kale nnabadde nnina okufuba ennyo ddala okusobola okunoonya Ebyawandiikibwa bya leero. Kaakati, ate enkya. . . Akawungeezi kano tugenda kuyigiriza ku: *Ekigendererwa Kya Katonda Kyali Kiki Mu Kutusindikira Omwoyo Omutukuvu?* Waaki? Bw'Abeera nga kintu ekikulu ennyo obwenkanidde awo, kale lwaki Katonda yamutusindikira?

5 Ate, enkya akawungeezi twagala twogere ku: *Wuwo?* era *Omufuna Otya?* era *Omanyira Ku Ki Nti Omufunye?*

Oluvannyuma, ebyo bwe tunaaba tubimazeeyo, nga tukozesa Ebyawandiikibwa, nga tubinnyonnyola nga tukozesa Ebyawandiikibwa, nga tweyambisa Ebyawandiikibwa mu byonna, olwo abo abanoonya Omwoyo Omutukuvu bajja kuvaayo bajje mu maaso. Era nsuubira nti kati okuva awo okudda obuggya kunaaba kukoleezeddwa, okuva awo okweyongerayo, okugenda mu maaso n'Omwoyo Omutukuvu.

6 Kaakati, nga bwe kiri nti akawungeezi k'olw'enkya wandibaawo bangi abayinza okusigalawo okumala ekiseera nga bali mu bisenge bye tulina wano mu kkanisa, mpulira nga kyandibadde kirungi tufuneyo ku baweereza abawerako wamu n'abantu abo abalina obumanyirivu mu kuluŋŋamya abantu mu ngeri y'okufunamu Omwoyo Omutukuvu, babazzeemu amaanyi, bagende nabo mu maka gaabwe wamu o—omukyala ne bba, oba—oba n'omuntu oyo anoonya Omwoyo Omutukuvu, aluŋŋamiziddwa obulungi ku kiki eky'okukola.

Osobola okuwaayo ennamba yo ey'essimu oba endagiriro y'ekifo gy'obeera n'obiwa omusumba, akawungeezi kano oba akawungeezi k'olw'enkya. Musobola okubiwa Ow'oluganda Neville, era ekyo kijja kutuyamba obuteetaaga kusisinkana wamu kukola lukuŋŋaana. Waayo buwi ennamba yo ey'essimu kwe tusobola okukufunira. Era ogambe nti, "Nja kubaawo, era bwe mu. . . bwe muba mwandyagadde okubaako amaka mwe munteeka." Bw'abeera—bw'abeera mukazi nga abeera yekka, tusobola okusindikayo omukazi, mulaba, eri omukazi ono. Ate, bwe gaba maka nga galimu omusajja ne mukyala we, ate, eyo tusobola okusindikayo omuweereza.

Era tunaasanyuka nga mukkirizza okukolaganira awamu naffe, kubanga mmanyi nga mwenna, buli omu ku mmwe, ensonga eno mujagala, ensonga eno esingayo obukulu mu zonna. Era mujjukire nti, "Oyo awonya omuntu okuva mu kukyama

kwe, abeera abisse ku nkuyanja y'ebibi bingi." Mukiraba? Era Omugole wa Kristo alumwa enjala era alina ennyonta. Alumwa ebisa, asobole okuzaala abaana ba Katonda.

7 Kale kaakano, akawungeezi kano, nga tetunnasoma Byawandiikibwa, leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera katono tusabe. Era nga tetunnasaba, nga emitwe gyammwe mugikotese, waliwo alina kye yeetaaga? Yimusa emikono gyo ogambe nti, "Ayi Katonda, nnyimusa emikono gyange. Nnina ekyetaago. Nkusaba Onnyambe, Ayi Mukama." Mwenna buli omu Katonda abawe omukisa. Emikono gyammwe Agiraba. N'ebyetaago by'abo abayimusizza emikono gyabwe Bamalayika babiwandiise.

8 Era, Kitaffe ow'omu Ggulu, kaakano tujja, nga tusembera w'Oli nate mu kusaba. Kubanga, awatali kubuusabuusa waliwo okusaba okwakoleddwa wakati mu baana ba Katonda akawungeezi kano, mu kifo kino ekitono, era nga n'ennyimba ziyimbiddwa, era tuyimusizza emitima gyaffe mu kujaguza okw'essanyu eri ettendo lya Katonda.

9 Dawudi yagamba nti anaayingiranga mu kkuŋŋaaniro ly'abatukuvu n'ayatula ebyetaago bye ne bimanyibwa. N'akawungeezi kano, waliwo emikono mingi egiyimusiddwa. Ob'olyawo, kabekasinge, nnyinza okugamba nti, ebitundu kinaana ku buli kikumi ku abo abatudde mu kizimbe kino akawungeezi kano baayimusizza emikono gyabwe nga balina bye beetaago. Kiraga, ayi Mukama, nti tetusobola kubeerawo Ggwe w'otali. Tuteekwa okuba Naawe, buli olukya. Ggwe Bulamu bwaffe, essanyu lyaffe, obulamu bw'emibiri gyaffe, amaanyi gaffe agatubeezaawo, okubeerwa kwaffe, akagabo kaffe, engabo yaffe eri omulabe waffe.

Era twali tetuyinza kulwana lutalo luno olw'obulamu nga Ggwe toli naffe. Tewali ngeri yonna gye twandisobodde kukikola, na bwe kityo tulina kwesigama ku Ggwe mu buli kimu. Kubanga, tumanyi nti tutambula nga tuyita mu nsi ejjudde enzikiza era enakuwaza. Ku buli ludda omulabe atuzingizza, era atuteze emitego n'ebyambika. Amakubo gaffe, ayi Mukama, gategeddwamu ebyambika by'omulabe, okututega.

10 Era naffe, bennyini, tukimanyi nti, ku nkomerero y'olugendo tulinawo ekiwonvu ekyo ekiwanvu, ekikutte kazigizigi ekiyitibwa okufa kye tulina okuyitamu. Ayi Mukama, ani alitukwata ku mukono bwe tuliba tukituuseemu? Twagala tukumanye kati, ayi Mukama. Twagala tubeere bakakafu nti Okutte emikono gyaffe, era naffe tukutte omukono Gwo, tusobole okuba n'obukakafu obwo obunywevu nti bwe tulituuka mu kaseera kali akasinga obukulu mu bulamu bwaffe, ak'okuyingira okuyita mu mulyango guli oguyitibwa okufa, nti tulisobola okwogerera awamu n'omutukuvu omu ku baatusooka

eyagamba nti, “Mmumanyi mu maanyi ag’okuzuukira Kwe, era mmanyi nga bw’Aliyita, ndivaayo mu bafu.”

11 Kaakano, ayi Kitaffe Katonda, tukusaba owe omukisa ebyo bye tusabye awamu n’okukuŋŋaana kwaffe. Wa omukisa Ebigambo Byo. Era ssinga nnaabaako ekintu kyonna kye njogera ekikontana n’Ekigambo Kyo oba n’ebyo by’Oyagala bikolebwe, Ggwe osigala olina amaanyi agabuniza akamwa, era nga bwe Wakola mu bunnya bw’empologoma Danyeri mwe yali. Era tukusaba, ayi Mukama, Oggulewo amatu n’emitima akawungeezi kano, na bwe kityo, era obatondemu enjala n’ennyonta. Leka balumwe ddala ennyonta batuuke n’okuba nga tebasobola kwebaka yadde okuwummula, awantu wonna, okutuusa nga Omubeezi azze.

12 Tukkiriza nga tuli mu nnaku ez’oluvannyuma, mu kisiikirize ky’Okujja Kwe. Era nga ekyo kye kigendererwa ky’okubuulirwa kw’Obubaka buno, ayi Mukama. Bubuulirwa abantu basobole okwetegeka, batwale okulabulwa. Era leka, akawungeezi kano, tweggyeko ekisonko mwe tubadde twekukumye, mu kaseera kano kennyini, tukiteeke ku mabbali ku katebe, tugambe nti, “Ayi Mukama Katonda, ndi mukutu ogufuna okuva Gy’oli. Leka Omwoyo Wo akulukute nga ayita munda yange. Mmumba onkolemu ekyo ky’Oyagala mbeere. Nja kuwaayo omutima gwange, amaanyi gange, byonna ebyange, olw’omulimu Gwo.”

13 Tuwulire, ayi Mukama. Tetuli wano kulabibwa, mu kiro kino ekitonnyeemu enkuba. Tetuli wano lwa kuba tetwabadde na walala wa kulaga. Naye tuli wano lwa kigendererwa kimu, ekikulu, ekitukuvu, eky’ekitiibwa kye tulina mu mitima gyaffe, era nga ekyo, kwe kukusemberera, nga tumanyi nti Wasuubiza nti bwe tunaakusemberera, Naawe onaatusemberera. Era eyo y’ensonga lwaki tuli wano. Oyo yenna eyazze nga muyala tajja kuddayo nga muyala. “Balina omukisa abo abalumwa enjala n’ennyonta olw’obutuukirivu,” Yesu bwe yagamba, “kubanga balijjuzibwa.” Era singa tusaba omugaati, tetuweebwe jjinja. Obwo okukakafu tubulina. Era singa tusaba ekyennyanja, tetuweebwe musota. Wabula, Katonda Kitaffe anaatuliisa Emmaanu ey’omu Ggulu, Ekigambo Kye n’Omwoyo We ebijulira nga byogera ku Ye. Tukusaba oyanukule okusaba kwaffe, ayi Mukama, wamu n’ebyetaago byaffe, nga bwe tweyongera okukulindirira. Tusabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

14 Kaakati, eri mmwe abawandiika Ebyawandiikibwa bino, mbasaba mubikkule wamu nange mu njiri y’Omutukuvu Yokaana nate era, essuula ey’e 14. Twagala tutandikire ku ssuula ey’e 14 ey’enjiri y’Omutukuvu Yokaana. Era leka tutandikire awo nga ku lunyiriri olw’e 14, enjiri y’Omutukuvu Yokaana 14:14, tubeeko ekitundu ku Kyawandiikibwa kino kye tusomawo. Kati, mu kino mujja kusangamu bingi ku ebyo bye njagala okwogerako akawungeezi kano.

15 Ate mujjukire, mmwe abalina Bayibuli ezirimu ennyukuta emmyufu, ebigambo bino biri mu nnyukuta mmyufu, mwe byawandiikibwa. Bye Bigambo Yesu Yennyini bye yayogerako, n'olwekyo tusobola okubyesiga nti bijja kutuukirira ddala nga bwe Yabyogera. "Eggulu n'ensi biriggwawo, naye Ekigambo Kye tekiriremererwa."

Kati tugenda kusoma okuva ku lunyiriri olw'e 14 olw'essuula ey'e 14.

Bwe munaasabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga.

Ekyo nga kisuubizo kya maanyi!

Bwe muba *munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange.*

Nange ndisaba Kitange, naye alibawa Omubeezi omulala, abeerenga nammwe emirembe n'emirembe.

Omwoyo ow'amazima; ensi gw'eteyinza kukkiriza, kubanga temulaba, . . .

Kati, eri mmwe abayinza okuba nga mukisoma okuva mu Bayibuli y'Oluyonaani, musobola okukiraba wano, nti si . . . *Okulaba* okwogerwako awo kutegeeza "kutegeera." "Kubanga ensi temutegeera." Ekyo ddala bwe kiri. Kati leka nziremu nkisome nate era.

Omwoyo ow'amazima; oyo e . . . amazima; ensi gw'eteyinza kukkiriza, kubanga temulaba, so temutegeera: naye mmwe mumutegeera; (Ani? Omubeezi.) *kubanga abeera gye muli* kati (mu kiseera kino eky'obuliwo), . . . *abeera gye muli, era anaabeeranga mu mmwe.*

Y'ani Oyo? Ye Mubeezi y'omu.

Siribaleka bamulekwa: Nze . . .

Buli muntu yenna akimanyi bulungi nti "Nze" ye nnakasigirwa ekozesebwa mu kifo ky'erinnya ly'omuntu oyo aba yeeyogerako.

. . . Nze *nkomawo gye muli.*

Esigadde ekiseera kitono, ensi obutandaba nate; naye mmwe muli . . . *naye mmwe mundaba: kubanga nze ndi mulamu, nammwe muliba balamu.*

Ku lunaku olwo mulitegeera mmwe nga nze ndi mu Kitange, nammwe mu nze, nange mu mmwe.

Ekirowoozo kyange kye ŋŋenda okwogerako kigenda kwetooloolera kw'ekyo, naye tugenda kusoma tweyongereyokko mu maaso katono. Ekyo leka nakyo nziremu, nkisome.

Ku lunaku olwo (ku lunaku olwo olw'ekitalo, olunaku lw'omusango), *ku lunaku olwo mulitegeera mmwe nga nze ndi* mu *Kitange, nammwe mu nze, nange mu mmwe.*

Oyo alina ekiragiro kyange, *n'abikwata, oyo nga ye anjagala: n'oyo anjagala anaayagalibwanga Kitange, nange nnaamwagalanga, era nnaamulabikiranga.*

Yuda atali Isukalyoti, n'amugamba *nti, Mukama waffe, kirisoboka* kitya *ggwe okutulabikira* ffe*, naye n'otalabika* eri *ensi?*

Nga ekyo kitegeeza, *kosmos*, ekitegeeza "enkola y'ensi." Bw'oba olinawo obuwandiiko mu musittale obunnyonnyola awo w'osoma, ojja kukiraba. Mu yange bulambiddwa n'ennyukuta "g," era erudda wano wagamba nti, "*kosmos*, oba enkola y'ensi." Nga ago ge makanisa, n'ebirala, olaba.

. . . kirisoboka kitya ggwe okutulabikira ffe, ate bo *n'otalabikira*? Osobola otya okukikola?

Yesu n'addamu n'amugamba nti, Omuntu bw'anjagala, anaakwatanga ebigambo byange: (amiina) *ne Kitange anaamwagalanga, era tunajjanga gy'ali, tunaatuulanga gy'ali.*

Atanjagala takwata bigambo byange:. . .

Oyinza okukwata ebigambo by'ekkanisa; naye ekikulu kwe kukwata ebigambo Bye, okiraba.

. . . era ebigambo *kye muwulira si kyange, naye kya* Kitange *eyantuma.*

Ebigambo ebyo mbabuulidde nga nkyali nammwe.

Naye Omubeezi, Omwoyo Omutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, oyo alibayigiriza byonna, era alibajjukiza ebintu bino *byonna* (nga ebyo, by'Ebigambo Bye) *alibajjukiza, byonna bye nnabagamba.*

Kati kigendererwa ki Katonda kye yalina nga asindika Omwoyo Omutukuvu? Leka ayongere omukisa Gwe ku Kigambo Kye.

16 Yesu yagamba, nti, "Ku lunaku olwo mulitegeera nga Nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze; era nammwe muli . . . Ndi mu mmwe, nammwe muli mu Nze." Kati, ssinga tubadde ba kwogera kino . . .

17 Kati, mujjukire nga, bino bigenda kukwatibwa ku lutambi.

Waliwo omusuubuzi omu Omukristaayo, okuva mu Louisville, eyankubidde essimu gye buvuddeko katono. N'aŋŋamba nti, "Kiswaza, Billy, okulaba nti Obubaka buno, tekiri nga bwe wagambye eggulo, tebutuuka na ku bantu bawera mitwalo ena wano naye bukoma ku bantu nga kikumi mu ataano, oba bibiri, oba ebisatu abasabira mu kkuŋŋaaniro lyo bokka."

18 Ne mmugamba nti, "Ssebo, mu myezi mukaaga okuva kati, Yesu bw'anaaba tannadda, ensi yonna bino ejja kubiwulira." Mukiraba?

Entambi ezo zisaasaanyizibwa mu nsi yonna, mukiraba, wonna wonna. Kale, n'olwekyo, wano tuyigiriza ebyo bye tukkiriza okuba nga ge Mazima, era bye tuzudde nti Katonda abitukakasizza okuba nga ge Mazima.

19 Kaakati, ekigendererwa, kiki—kiki ekyali ekigendererwa kya Katonda mu kuweereza Omwoyo Omutukuvu? Kati, ekyawandiikibwa ekyo nsobola okubaako ne we nkiwandiika, Yokaana 14, okutandikira ku lunyiriri lw'e 14, n'okusoma essuula eyo yonna, okusobola okufuna omusingi gwakyo. Ekigendererwa kya Katonda, tukiraba wano, bwe yali aweereza Omwoyo Omutukuvu, kyali ekigendererwa kimu, nti Katonda Mwene asobole okutuula mu Kkanisa Ye era atwale mu maaso enteekateeka Ze nga azikola ayitira mu Kkanisa.

Kyali nti, Katonda yali mu Kristo, nga atwala mu maaso enteekateeka Ze nga ayita mu Kristo; okuva mu Kristo, n'adda mu Kkanisa, nga atwala mu maaso omulimu Gwe nga ayita mu Kkanisa.

20 Kaakati, tumanyi kiki Omwoyo Omutukuvu ky'ali. Twakirabye, akawungeezi k'eggulo, nti Ye Katonda.

Kaakati, bwe tulowooza ku Katonda, Kitaffe, nga Yesu bwe yayogera wano, Kitaawe; Katonda, Omwana, nga Yesu; Katonda, Omwoyo Omutukuvu, nga bwe tumuyita leero, kaakati, ekyo tekitegeeza nti waliwo abantu basatu, Bakatonda abeetongodde. Wabula kitegeeza nti waliwo Katonda omu mu woofiisi ssatu.

Leka tukyogere bwe tuti. Ebyo byonna Katonda bye yali, Yabifukumula mu Kristo, kubanga Yeekaliza n'Amufukumula mu Kristo. "Era Kristo ye yali obulamba bwa Katonda bwonna nga bwambadde omubiri." Byonna Yakuwa bye yali, Yabifukumula mu Kristo.

Ne Kristo byonna bye yali, Yabifukumulira mu Kkanisa; si mu muntu omu yekka, wabula mu Mubiri gwonna awamu. Ne kiba nti, ffenna bwe tujja awamu mu bumu, tuba n'Amaanyi. Byonna Katonda bye yali, byali mu Kristo; na byonna Kristo bye yali, biri mu mmwe.

"Kubanga Katonda yafuuka omuntu, n'abeera wamu naffe." Timoseewo Ekisooka 3:16, bwe muba mubiwandiika wansi, "Awatali kukubagana mpawa ekyama eky'okutya Katonda kikulu nnyo: kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri, n'okumukwatako ne tumukwatako. Katonda, Yakuwa, yafuuka omuntu, n'atambula ku nsi, ne tumulabako n'okumulabako n'amaaso gaffe."

21 Omanyi, mu ssuula y'emu, eya Yokaana 14, Firipo yamugamba nti, "Mukama waffe, tulage bulazi Kitaffe, kinaatumala."

22 Yesu n'amugamba nti, "Mbadde naawe ebbanga lino lyonna, Firipo, naye na buli kati era tontegeeranga? Bw'olaba Nze, obeera olabye Kitange. Kati oŋŋambira ki Nze nti, 'Tulage Kitaffe'?" Katonda yafuuka omuntu.

23 Kati kiri bwe kiti. Kitaffe yali Katonda waggulu wo, bwe tugamba. Bwe tubaddenga tugamba okuviira ddala ku Adamu. Katonda, Kitaffe, yali waggulu wa Musa n'abaana ba Isiraeri, mu Mpagi ey'Omuliro. Oluvannyuma, Katonda n'aba nga ali naffe, mu Kristo; bwe yatambula naffe, n'ayogera naffe, n'alya wamu naffe, n'asula naffe. Katonda waggulu waffe; Katonda nga ali naffe; ate kaakano Katonda ali munda mu ffe. Byonna Katonda bye yali, byaggweera mu Kristo; byonna Kristo bye yali, ne biggweera mu Kkanisa.

Kitegeeza ki ekyo? Katonda nga akolera mu ggwe. Yonna yonna mu nsi gy'Ayinza okwagala okukutuma okugenda, osangibwe nga w'oli, nga Akolera mu ggwe ebyo ebirungi by'ayagala bikolebwe. Nga tusaanye okwebaza ennyo Katonda olw'ekyo! Katonda, Omwoyo Omutukuvu, yaweerezebwa olw'ekigendererwa kino nti Katonda asobole okubeeranga mu Kkanisa Ye, nga atambula okuyita mu buli mulembe, nga akola okwagala Kwe okw'Obwakatonda.

24 Abantu bwe bakusekerera, babeera tebasekerera ggwe, babeera basekerera Oyo eyakutuma. Yesu kye yava agamba nti, "Mulina omukisa abantu bwe banaaboogerako ebibi ebya buli ngeri, nga babakonjera, ku lw'Erinnya Lyange. Mulina omukisa." Nate era, nti, "Abo bonna abatambulira mu kutya Katonda mu Kristo Yesu banaayigganyizibwanga."

Kubanga, Katonda bwe Yeeyolekera mu Kristo asobole okumanyika, baamukyawa. B'ani abaasinga okumukyawa, ennyo? Yali kkanisa. Yali kkanisa, ye yasinga okumukyawa ennyo. Baamukyawa nnyo n'okusinga a—abatamiivu bwe baamukyawa. Baamukyawa nnyo okusinga abantu abalala bonna bwe baamukyawa. Yali kkanisa ye yamukyawa. Kale, n'olwekyo, buli lw'olaba *kosmos*, "Enkola y'ensi, ensi teyamutegeera," kitegeeza, "ekkanisa," eyo ekyeeyita obweyisi, "teyamutegeera. Yajja eri Ababe, naye Ababe tebaamusembeza."

"Naye abo bonna abaamusembeza, abo Yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, abo abakkiriza Erinnya Lye." O, nga tusaanye okumwagalanga n'okumusinzanga! Ekigendererwa kya Katonda, nga ayagala abeere mu kussa ekimu naffe!

25 Eky'okulabirako, nga tetunnava ku nsonga eyo, leka tweyambise kino; mu nnaku za Luusi, mu tteeka ly'obununuzi,

Nawomi bwe yava mu nsi eyo, olw'okugezesebwa, wamu n'ebiseera ebizibu. Yagenda mu nsi y'Abamowaabu, abaali Abakristaayo ab'ekibuguumirize, ab'olukale. Kubanga, Abamowaabu basibuka mu muwala wa Lutti, era baali beeyita bakkiriza, wabula nga baali beetabulatabula. Ekiseera ne kituuka bba n'afa, ne batabani be ababiri nabo ne bafa. Baba baddayo ku butaka, Nawomi . . . Luusi ne Nawomi, nga ali mu lugendo addayo ewaabwe ku butaka, ye . . . Omu ku bak'abaana be, Olupa, n'amugamba nti ye agenda kuddayo mu nsi ye, eri bakatonda be, eri ekkanisa ye, eri abantu be. Nawomi n'agezaako okumatiza Luusi naye addeyo, naye n'amugamba nti, "Abantu bo be bantu bange. Katonda wo, ye Katonda wange. Gy'olifiira, nange gye ndifiira. W'oliziikibwa, nange we ndiziikibwa. Naye ssijja kuddayo gye nnava."

26 Ekyo kye kibaawo nga omuntu afunye okwolesebwa. Abantu be ne bwe baayogera ebyenkana wa tebyamukyusaako yadde mbu, "Bw'ogenda eyo ojja kufuuka omu ku batukuvu abeevulunga oba ekintu eky'engeri eyo." Ebyo byonna tebyakyusa n'akatono mu kusalawo kwa Luusi. Waaliwo ekigendererwa kya Katonda ekyali kirina okutuukirizibwa.

27 Era nga bwe kiri ekikakafu ddala nti olumwa enjala akawungeezi kano olw'okwagala okufuna Omwoyo Omutukuvu, munda mu ggwe mulimu ekintu, ekikusika, ekigendererwa kya Katonda ky'alina mu bulamu bwo kiteekwa okutuukirizibwa, era nga bwe kyatuukirira mu Luusi.

28 Emboozi eno mpoomu nnyo! N'okugivaako akatono bwenti, kikyannemye. Mumanyi etteeka ly'obununuzi, Bowaazi bwe ya . . . Mumanyi ebikwata ku Luusi nga bwe yali alondereranga mu nnimiro n'afuna okuganja eri Bowaazi. Naye nga tannamuwasa, yalina okusooka okununula byonna byonna Nawomi bye yali yafiirwa bimuddizibwe. Era omuntu yekka eyali asobola okununula eby'obugagga bya Nawume, okusinziira ku tteeka ly'obununuzi, yali alina kuba nga amulinako oluganda era nga oluganda olwo lwa kulusegere; yalina okuba nga amulinako oluganda nga tannamununula. Era oyo gwe yalinako oluganda olw'okulusegere ennyo. Era omusajja oyo yalina okubaako akabonero k'akola mu lujjudde, wabweru ku mulyango, manya okwatula mu lujjudde nti yali anunudde ebyo byonna Nawomi bye yali yafiirwa. Era ekyo Bowaazi yakikola nga ayambulamu engatto ye mu maaso g'abakadde, n'agamba nti, "Bwe waba waliwo omuntu yenna alina ekintu ekyali ekya Nawomi, olwa leero nkinunudde kimuddizibwe."

29 Ne Katonda naye bw'atyo bwe yakola, yagoberera amateeka Ge Ye. Katonda tasobola kugoberera, kukuwa tteeka erimu oligoberere ate Ye n'agoberera etteeka eddala. Agoberera amateeka Ge Ye. Na bwe kityo, Katonda, okusobola okununula ekkanisa eyali ebuze, ensi eyali yabula, obutonde obwali bwabula; Katonda, Oyo nga gwe Mwoyo ogutaliiko kkomo,

okusobola okununula oluse lw'abantu olwali lwabula, Katonda Mwene yafuuka omu ku ffe, n'afuuka Omuntu, Omwana ow'obulenzi gwe Yatonda mu nda ya Maliyamu. Bw'atyo n'Akola akabonero mu lwatu, manyanga obujulizi; wabweru w'emiryango gya Yerusaalemi, Yawanikibwa waggulu wakati w'eggulu n'ensi, n'afa, era n'anunula buli kimu. Era mu kuvaamu omusaayi, n'Atukuza Ekkanisa asobole okugibeeramu Ye Mwene, asse kimu nayo era atabagane nayo, nga ke kafo kali ke yafiirwa awaabeeranga okussa ekimu mu lusuku Adeni Katonda we yajjanga buli kawungeezi, mu kaseera k'okukuŋŋaana nga ekkanisa.

Mwali mukyekkaanyizza? Katonda yakkanga wansi mu budde obuweweevu obw'akawungeezi, nga enjuba egolooba. Waliwo eky'enjawulo ku budde obwo ekiro bwe kiba kisembera, abantu batandika okulowooza ku kkanisa ne ku Katonda; Abakristaayo. Bw'olaba enjuba nga egolooba, okitegeera nti naawe enjuba y'obulamu bwo egolooba.

30 Era mu budde obuweweevu obw'akawungeezi Yakkanga wansi n'assa kimu nabo. Naye okussa ekimu okwo Yakufiirwa, kubanga ekibi kyali tekiyinza kumuganya kugenda mu maaso nga Akikola.

Bw'atyo kye Yava afuuka omuntu n'abeera naffe, asobole okukomawo nate eri omuntu, abeere mu muntu, azzeeyo omuntu mu mbeera eri ey'okuddamu okussa ekimu Naye, era amuddize eddembe lye ery'obwebange eryamuweebwa Katonda. Ekyo kye Yakola.

31 Ekyo kye kigendererwa ky'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu. Ye Kitaffe, nate, Katonda Kitaffe nga atuula mu ggwe, nga atuukiriza enteekateeka Ze, okumaliriza enteekateeka Ye ey'obununuzi; nga akola okuyita mu ggwe, nga akufuula mukozi-Munne bwe mukolera awamu; nga akuwa ekifo, nga akuwa okubaako ekitundu ky'okola ku lw'oyo eyagwa, ku lwa muganda wo ne mwannyoko abaabula; nga akuwa Omwoyo We awamu n'okwagala Kwe, ogende onoonye abaabula, nga bwe Yakola mu lusuku Adeni. "Adamu, Adamu, oli luuyi wa?" Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'akola eri omusajja oba omukazi. Bw'Ayingira mu mitima gyabwe n'Agituulamu, bafuna okulumwa enjala awamu n'ennyonta nga balumiririrwa emmeeme ezaabula.

Ogwo gwe mutawaana oguli mu nkuŋŋaana z'ensangi zino. Teziriimu kukwatibwako kwa Mwoyo kumala, kuleetera muntu kugenda kunoonya mmeeme eziri mu kubula wamu n'ezo eziri mu kufa. Okusinga zigendererwamu kunoonya kwekolera linnya, oba kutumbula kkanisa, oba ekizimbe, oba ekibiina ky'eddiini mu kifo ky'okuba enteekateeka ey'okuwangula emmeeme. Nga kya nnaku nnyo! Ensonga eyo twandigimazeeko n'akabanga akawerako.

Katonda Yeefukumula ne yeeyiwa mu Kristo. Kituufu.

32 Kristo ne yeefukumula ne yeeyiwa mu Kkanisa. N'olwekyo, kati mwekkaanye, "Ku lunaku olwo mulimanya nga Nze ndi mu Kitange, nammwe mu Nze, Nange mu mmwe. Ku lunaku olwo mulikimanya." Kubanga, kino, kyonna awamu ye nteekateeka emu ey'obununun zi ng'ekka wansi, nga Katonda akomawo okubeera mu bantu be, awamu n'okutuula awamu mu bantu be, ssaako n'okussa ekimu n'abantu be, nga bwe Yakolanga ku lubereberye.

Kaakati, awo, kasita Anaatuusa Ekkanisa Ye mu mbeera mw'esobolera okwogera, n'atuusa Ekkanisa Ye mu mbeera w'Asobolera okugikulukutiramu, n'okwagala, n'okumatiza, n'okussa ekimu, awo wajja kubaawo Adeni. Ekkanisa Ye Ajja kugizzaayo wali We—We yamuleka, agizzeeyo mu Adeni nate, wali wennyini we Yava okugwa. Ekkanisa, kati . . . Awo we Yasimbula omulundi gwayo ogwasooka, manyanga we yava okugwa. Era awo wennyini w'Ejja okuddizibwa, nga erina buli kisaanyizo ekitaliiko kamogo eky'obununuzi, nga abazzaayo mu mbeera eri yennyini mwe baali.

33 Ekkanisa ebadde mu nsi okumala ebbanga ddene. Era Ekkanisa, eky'amazima, oluvannyuma lw'Okuddaabululwa, okw'emyaka olukumi mu ebitaano egy'ekizikiza . . . Luther ye muddaabuluzi eyasooka okusituka oluvannyuma lw'ekiseera ky'abatume. Era Luther bwe yasituka, Katonda n'atonnyezzayokko ettondo ly'Omwoyo n'amufuka ku Kkanisa, mu kuggyibwako omusango. Okuva awo mu nnaku za Wesley, n'ayongera n'Ayiwayokko ekitundu Kye ekirala, mu kutukuzibwa. Era ebiseera gye bizze bitambula, okutuuka mu kiseera eky'enkomerero, Katonda abaddenga ajjuza Ekkanisa Ye. Mmwe mwekkaanye mulabe oba nga ekyo Mazima, oba nedda.

34 Mutunuulire omulembe gw'Abaluzalaani, mmwe abasoma ebyafaayo, mulabe okudda obuggya kwabwe n'ebyo bye baakola. Mulabe engeri okudda obuggya kwa Wesley gye kwali kusinga ku kuli, amaanyi ge baalina bwe gaali gasinga ku ga bali, wadde nga baali batono. Mwekkaanye mu nnaku z'Abapentekoote, okudda obuggya kwe baalina mu kiseera ekyo, nga bwe kwali okw'ekitalo, okwasaasaanira buli wamu wonna.

35 Okutuusa okuba nti, olupapula lwa *Our Sunday Visitor,* olupapula lw'amawulire olw'Abakatoliki, lwawandiika ne lukakasa nti Abapentekoote baafuna abantu abaakyusibwa akakadde kamu mu emitwalo ataano mu mwaka gumu gwokka, ne basinga kw'abo amakanisa amalala gonna be gaafuna nga ogagasse wamu. Abakatoliki bo baagamba nti, baakyusaayo, akakadde kamu kokka. Mu lupapula lwabwe lwennyini olwa *Sunday Visitor,* olupapula lw'amawulire oluyitibwa *Sunday*

Visitor, lwafulumya ekiwandiiko ne lugamba nti Abepentekoote baabasinga.

Ate, mujjukire nti, okukyusibwa okw'omu Bapentekoote kubeera kukyusibwa okulimu n'okujjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Nga n'okusooka kwa byonna, n'abavuddeko okukyuka kw'abantu abo bantu ab'olubatu, abayimirira ku mabbali g'akakubo akatono, nga balina ggita e—enkaddekadde. Nga abakazi tebasobola kwegulira yadde omugogo gwa sitookingi. Nga babeera ku luguudo lwa ggaali ya mukka, gye balonderera kasooli abeera ayiise ne bamusa, okusobola okufunira abaana baabwe eky'okulya. Naye kiki kye bafuuse? Bafuuse ekkanisa esingayo okuba ekyasinze okuyimirira mu maanyi mu nsi leero, si mu maaso g'ensi, wabula mu maaso ga Katonda, kubanga ekyo Akikakasa okuyita mu ebyo by'Abakolera. Yeefukumula Ye mwene mu bo, nga abafukamu Omwoyo Omutukuvu.

36 Kati mwetegereze ekyabaawo, Katonda nga Yeefukumula mu bo. Kati Ekkanisa etuuse mu kifo, okuva ku Luther, Wesley, era okudda obuggya kuzze kugenda mu maaso okutuuka ku Bapentekoote; era kati kuyingidde mu mulembe guno mwe tuyingira kaakano, nga kujja ku bw'Omwoyo Omutukuvu y'omu, wabula nga Yeeyongerako bweyongezi mu kigera. Kati, Abaluzalaani bali mu kiseera kiri bwe baalokoka, balina ekigera ky'Omwoyo Omutukuvu kye baafuna. Abamesodisiti bwe baatukuzibwa, ogwo gwali mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu. Mukiraba, kyali kigera kya Mwoyo Mutukuvu. "Bo tebasobola kutuukirizibwa ffe we tutali," Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Mukiraba?

37 Kaakati, Katonda, nga Omusana atandise okwaka mu nnaku ez'oluvannyuma, Atusuubiramu, ekintu eky'amaanyi ennyo. Kubanga, "Abo abaweebwa ebingi, balibuuzibwa bingi." N'olwekyo Agenda kutwetaaza okuvaamu bingi nnyo okusinga bye yali Yeetaaga okuva mu Baluzalaani oba Abamesodisiti, kubanga ffe tutambulira mu Musana ogusinga ku gwe baatambuliramu, n'Amaanyi agasinga ku ge baalina, n'asinga . . . era—era tulina n'obujulizi obw'amaanyi obusinga ku bwe baalina. Ffe kati, tulina obujulizi obw'okuzuukira obw'amaanyi okusinga ku bwe baalina. Tulina ebintu ebinywevu ennyo, ebikakafu ennyo okusinga ku bye baalina.

38 Naye kiringa bwe nnagamba ab'ettendekero ly'Abaluzalaani, ebbanga ssi ddene eriyise.

Bambuuza nti, "Kati kiki kye tulina?"

Ne mbagamba nti, "Omusajja yasimba omusiri gwa kasooli. Obutunsi obutono obusooka bwe bwavaayo, n'agamba nti, 'Mukama yeebazibwe olw'okumpa omusiri gwa ka—kasooli!' Wewaawo, yali amulina, naye yali amulina ku mutendera guli

ogusookera ddala. Ekiseera bwe kyayitawo, n'afuuka ekikolo ekikuze."

Ku kikolo ekyo ne kumerako oluyange, nga be Bamesodisiti.

39 Singa wekkaanya obutonde, ojja kulaba Katonda nga akola. Mu butonde mulimu ekyama ekikwekeddwamu era ekiri ne mu buweereza bwange. Mukiraba? Nti, singa wekkaanya obutonde, ne weetegereza engeri gye butambulamu, ne wekkaanya omulembe oguba guliwo wamu n'ekiseera ekyo ekiba kiriwo, osobola okulaba biro ki mw'oli. Wekkaanye omulembe.

40 Kati, mu kiseera kiri, Abamesodisiti, be baali oluyange. Baatunulira Abaluzalaani abaali baabasooka okubaawo, ne babagamba nti, "Ye ffe abalina okutukuzibwa; mmwe ku ebyo Omwoyo Omutukuvu by'ali temulina kye mulina yadde n'ekimu."

Ekiseera ne kiyitawo, okuva ku mpumbu eyo, okuva mu Bamesodisiti, ne muvaamu empeke ya . . . omunwe gwa kasooli. Abo be Bapentekoote.

Kati egyo gy'emitendera mwe yayita, okuggyibwako omusango, gwali gumu ku mitendera Gye. Okutukuzibwa, gwali mutendera Gwe omulala. Omwoyo Omutukuvu, nagwo mutendera Gwe omulala; Abapentekoote. Luther, Wesley, Obupentekoote.

41 Kati Obupentekoote bukola ki? Emitendera egyo ngigeraageranya mu ngeri eyo, kubanga, omutendera gw'Obupentekoote, tegwakomyawo, kikoola bukoola ekya kiragala, tegwakomyawo luyange lwokka, wabula . . .

Kasooli tasobola kugamba luyange nti, "Sikwetaaga." Ka, lubeere oluyange terusobola kugamba ki—kikoola nti, "Sikwetaaga," kubanga obulamu bwe bumu obwali mu kikoola, bwe bwakola oluyange. Obulamu bwe bumu obwali mu luyange bwe bwakola omunwe.

Era yali kkanisa ya Luther ye yakola eya Wesley. Yali kkanisa ya Wesley ye yakola Obupentekoote.

Naye, Obupentekoote, kye kiki? Kwe kukomezebwawo kw'empeke y'emu eyasigibwa mu ttaka ku ntandikwa, nga bukomyawo obujjuvu bwonna obw'Amaanyi ga Pentekoote okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, mukiraba, mu nnaku ez'oluvannyuma. O, nga kintu ekikulu, okulaba, okukkiriza n'okulaba.

42 Kati mu mulembe guno kaakano mwe tuli, guno omulembe, gusukka ku Bupentekoote.

Obupentekoote bukomekkererezza mu kukola bibiina bya buntu, na kutandika kubaako bye bajingirira mu bibiina ebyo nga bwe bagamba mbu, "Ffe tuli *kino* naffe tuli *kiri*." Ekyo kya butonde. Tosobola kukyebeera. Kya butonde. Ekyo bajja kukikola. Entegeka yakolebwa bw'etyo, nga baakukikola.

Naye ogwo omutendera Ekkanisa yo yaguvaako ne yeeyongera mu maaso. Yayingira mu mutendera omukulu, era ogw'amaanyi okusinga ku ogwo. Gwe mutendera ogw'okuzzibwawo kw'ebirabo.

Era bangi ku Bapentekoote tebakkiririza mu kuwonya kwa Katonda, tebakkiririza mu buweereza bwa Bamalayika, tebakkiririza mu maanyi ga Katonda. Abapentekoote bangi okwolesebwa kuno kwe ndaba bagamba nti, "oyo ssetaani." Waliwo n'ebibiina bingi ebitasobola na kweyoleka na Mwoyo Mutukuvu, mu Bapentekoote. Mukiraba, ogwo omutendera twagusukka. Mu ngeri y'emu nga n'Abamesodisiti bwe baayita Abapentekoote, "abalalu," olw'okwogera mu nnimi. Mu ngeri y'emu nga n'Abaluzalaani bwe baayita Abamesodisiti, "abalalu," olw'okuleekaana. Mukiraba?

Naye emitendera egyo gyonna kubaddenga kujja kwa Mwoyo Mutukuvu, okutuusa nga Ekkanisa eno ey'ekitalo ejjuziddwa, n'ebooga, aleeruuya, n'amaanyi ag'ekitalo aga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna. Okutuusa, lwe kituuse okuba nti emirimu gyennyini Yesu gye yakola girabisibwa kaakano mu Kkanisa. Tuli kumpi nnyo, ab'emikwano.

43 Leka nsooke nnyimirireko wano, katono, okusobola okufuna ensonga lwaki Katonda yateeka Omwoyo Omutukuvu mu Kkanisa, mbeeko eky'okulabirako ekirala kye mbawa musobole okutegeera. Edda mu Ndagaano Enkadde, omwa—omwana bwe ya . . .

Omusajja yeekoleranga amaka. Yeefuniranga omugole ow'okuwasa, ekyo kye kyakulemberanga byonna.

Oluvannyuma lw'ekyo yafuukanga omusajja ow'amaanyi, nga bw'oyinza okulaba ekibiina. Ekyo kyabanga kirungi.

Ekyaddangako, waabangawo abazaalibwa mu maka ago. Weewo nga Omwoyo Omutukuvu, mukiraba, omwoyo omulala gwegattanga ku maka ago, nga ye mwana ow'obulenzi. Omwana oyo, teyabanga na buyinza bujjuvu, era yabanga tasobola kubeera musika okutuusa nga aliko ekigera ky'emyaka gy'awezezza. Era yabanga alina okusooka, okukakasibwa. Weewaawo.

N'ekirala baabanga n'etteeka ery'okutongozebwa. Eri mmwe abaweereza, "okutuuzibwa kw'omwana mu kifo kye," kati kwe njogerako, mukiraba, okwakolebwanga bwe yabanga atuuse mu kigera mw'asobolera okutongozebwa. Yesu yawa ekifaananyi ekirungi ekikyoleka, ku lusozi olw'Okufuusibwa.

44 Nga bwe nnagambye, Katonda tayinza kukola kintu kyonna nga akikolera ebweru w'amateeka Ge.

Bw'obeera n'oluzzi olw'ensulo ku kasozi *kano*, nga lufuuwa amazzi buli wamu wonna mu bbanga, ate ku kasozi kano akalala erudda *eno,* nga olinayo ebimera ebikala, osobola okuyimirira

ku kasozi kano n'oleekaana nti "O, amazzi, mukulukutireeko erudda eno mwanjaale mu bimera byange! O, amazzi, mukulukutireeko mu bimera byange!" Tegajja kukulukuta kugendayo. Naye bw'onaakola nga etteeka ly'amaanyi ga kimiima nsi bwe liri, ebimera ebyo ojja kusobola okubifukirira.

45 Bw'obeera n'omulwadde nga agalamidde wano, oba omwonoonyi nga agalamidde wano, oba omuntu ayagala okutereeza obulamu bwe, nga alemeddwa okuva ku kunywa omwenge, alemeddwa okuva ku kunywa sigala, okwaka kumulemmeddeko n'ebintu ebirala. Bw'onaakola nga ogoberera amateeka ga Katonda bwe gagamba, n'oganya Omwoyo Omutukuvu n'ayingira munda mu muntu oyo, awo ajja kuba takyali ku lulwe nga ye. Omuntu oyo, ekintu ekyo ajja kulekera awo okukikola, kubanga Omwoyo Omutukuvu amwefuze. Naye olina okukola nga ogoberera amateeka ga Katonda, ebiragiro bya Katonda ebigobererwa.

46 Kaakati, mu Ndagaano Enkadde, omwana ono omuwere bwe yazaalibwanga, baamukuumirangako amaaso nga bamwekkaanya, okulaba engeri gye yeeyisangamu, enneeyisa.

Kati kitaawe, olw'okuba yabeeranga musajja musuubuzi ow'amaanyi mu kiseera kino, nga ob'olyawo ali mu myaka nga ana oba ataano, teyabeeranga na budde bwa kuyigiriza mwana ono, ye mwennyini, n'olwekyo yafunanga . . . Mu biro ebyo tebaalina masomero ga lukale nga ge balina leero, kale baafunangayo gwe bayitanga "omutendesi," oba "omukuza," omusomesa. Era omusomesa ono yabeeranga oyo asingayo obulungi mu bonna gwe yasobolanga okufuna, asobole okubeera ow'amazima mu kubuulira kitaawe w'omwana amazima agakwata ku mwana we.

47 Kati omulenzi ono bwe yabangako ekigera ky'emyaka w'atuuka, nga akuze. Omulenzi oyo bwe yabeeranga kiwagi, atalina ky'agasa, atafaayo ku mirimu gya kitaawe; nga kyokka ky'alowoozaako kwe kuzaannyiikiriza n'okubalaata n'abakazi mu ngeri eky'ekikaba, oba—oba okunywa omwenge, oba okuzannya zzaala, oba kubeeranga mu kusindana kwa kuvuga mbalaasi; omulenzi oyo yasigalanga mutabani, naye teyatuuzibwanga mu kifo kya kuba musika wa byonna kitaawe bye yabanga nabyo.

Naye bwe yabeeranga omulenzi omulungi, nga afaayo ku mirimu gya kitaawe, era n'akakasibwa okuba nti ye mwana omutuufu, awo baakolanga omukolo. Omulenzi oyo baamufulumyanga ne bamutwala mu luguudo ne bamwambaza ekyambalo ekyeru, ne bamutuuza ku kituuti ekigulumivu ekibuga kyonna kisobole okumulaba. Baakolanga embaga wamu n'okujaguza, olwo kitaawe n'akola omukolo ogw'okumutongoza. Yatongozanga omwana we mu mirimu gye gy'akola, olwo omutabani n'abeera nga yenkanankana ne kitaawe. Mu ngeri

endala, singa kiba kikoleddwa mu kiseera kino, erinnya ly'omutabani ku cceeke lyandibadde likolera ddala nga erya kitaawe.

48 Kaakati mulabeeyo Katonda kye yakola. Omwana We bwe yazaalibwa, Yamuleka n'Akula okumala emyaka asatu, nga bw'amugezesa, nga bw'amukema. Oluvannyuma n'Amuwa emyaka esatu egy'okugezesebwa okukakali. Oluvannyuma lw'okugezesebwa okwo okukakali, nga Amaze okukakasa nti Omutabani We afaayo eri omulimu gwa Kitaawe; ku Lusozi olw'Okufuusibwa, mu Kitabo kya Lukka; Yatwala Peetero, Yakobo, ne Yokaana, abajulizi basatu, ne bambuka waggulu ku ntikko y'olusozi, era eyo Katonda gye yakolera nga amateeka ag'okutongoza omwana bwe gali. Ya. . . Baayimusa amaaso ne balengera Yesu, nga ebyambalo Bye byakaayakana nga ekimyanso. Era Ekire bwe kyamusiikiriza, mu Kire ne muvaamu Eddoboozi, ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa; mumuwulire. Nze kati ŋŋenda kutuula wansi sigenda kuddamu kwogera. Ye ky'ayogera kye kinaabeera etteeka era ge ganaabeera Amazima."

49 Kati, ekkanisa eyise mu matendekero ago gonna. Yafumbirwako emabega eri, mu biseera biri ebyayita, n'efuuka ekibiina ky'eddiini, ekibiina ekitambulira ku nkola ey'obuntu. Naye, bwe weetegereza, Okuzaalibwa kwazaala kintu kirala nnyo. Era kati kituuse mu mbeera nga ekkanisa y'Abapentekoote, nga erina Okuzaalibwa okuggya, w'egezeseddwa n'ekemebwa, era kati ekiseera kijja. . . Katonda Ekkanisa takolagana nayo nga ekibiina ekitambulira ku nkola ey'obuntu. Takolagana na Kkanisa nga—nga ekibinja ky'abantu.

Akolagana n'Ekkanisa nga akolagana n'abantu kinnoomu, buli muntu mu Kkanisa. Era kati ekiseera kituuse. . . Ate si kya nkiso; ffenna tukiraba. Omuntu bw'akakasibwa, nga Katonda amwagadde, Amusitula n'abaako ne w'amutwala nga bali bombiriri bokka Ye n'omuntu oyo. Awo mu maaso ga Bamalayika n'Abaako ne ky'amukolera. Amuyimusa waggulu mu Maaso ga Katonda nga bali eyo bokka, n'amuwa ebirabo, n'amujjuza, olwo n'alyoka amutuma. Ogwo gwe mulembe mwe tuli.

50 Omwoyo Omutukuvu y'omu eyalokola Abaluzalaani, eyatukuza Abamesodisiti, eyabatiza Abapentekoote, kaakano ategeka Okujja kwa Mukama waffe Yesu. Okutuusa nti, walibaawo amaanyi ag'ekitalo ennyo, mu Mubiri ogwo, agalijja mu Kibinja kino, Ekkanisa, agalizuukiza ne bali abalala bonna ne gabaggyayo mu ntaana. Wabeewo okuzuukira. Eyo y'ensonga lwaki Omwoyo Omutukuvu yatuweebwa. Omwoyo Omutukuvu kye kiki? "Tebasobola kutuukirizibwa nga ffe tetuliiwo." Baaliwo mu mulembe mulala, mu mbeera y'emirembe egyo mwe baali. Naffe tuli mu mulembe mulala.

"Omulabe bw'ajja nga amataba, ndi . . . Omwoyo wa Katonda aliyimusa eddaala okumweŋŋanga." Mukiraba? Olwa leero tuli mu mulembe nga . . .

51 Mu biseera biri, tebaalina yadde kimu kya kubiri eky'amagezi ge balina leero. Baali tebasobola kukola bbomu ya butwa yadde emmotoka. Tebaalina ssaayansi na bintu nga bye tulina leero, naye, wamu n'ebintu ebitategeerekeka; nga eby'okugezaako okugamba mbu omuntu okubaawo, yava mu kubumbulukuka kw'ekifunfugu ekimu eky'ettaka, n'ebirala nga ebyo, ne bakissaako essira okukinoonyerezaako okugezaako okukakasa nti bwe kityo bwe kyali, okulaba nga bafuula abantu abakaafiiri.

Naye kaakati, bwe tuba tumwetaaga, Omwoyo wa Katonda ayimusa eddaala. Aliyimusa atya? Afukumula Omwoyo We. Nga, bali abaawummula abali mu ntaana, manyanga abali wansi w'ekyoto kya Katonda, nga Ebyawandiikibwa bwe bigamba, nga bwe bakaaba nti, "Olituusa wa, Mukama? Olituusa wa? Kiseera ki ekisigadde?" Katonda alinze nze naawe. Ekkanisa erinze nze naawe. Kiseera kya kutongozebwa, Katonda w'anaatufukumuliramu obujjuvu Bwe, Amaanyi Ge, okuzuukira Kwe, okutuusa Ekkanisa ne Kristo lwe banaasemberegana ennyo okutuusa Kristo lw'anaalabibwa mu makkati gaffe, n'azuukiza n'abafu, ne tugenda mu Kukwakkulibwa.

52 Kati tugenda kwogera, tugenda kulaga mu kaseera katono, nti abo bokka abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu be bagenda mu Kukwakkulibwa okwo. "Kubanga abafu abalala tebaaba balamu okutuusa emyaka olukumi lwe gyaggwa." Ddala bwe kiri. Abantu abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu be bokka abaagenda mu Kukwakkulibwa. Kaakati, Katonda yawa Omwoyo Omutukuvu . . .

53 Nninawo Ekyawandikibwa ekirala wano, mu njiri ya Yokaana 14:12. Ekyo Kyawandiikibwa ekimanyiddwa abantu bonna aba wano mu kkuŋŋaaniro lino.

Ddala, ddala, mbagamba nti, Akkiriza nze . . .

Kaakati, leka ekigambo ekyo "akkiriza" kireme okukuyinula. Mu kkanisa ey'omubiri, bagamba nti, "Weewaawo, nzikiriza. Ddala, nzikiriza nti Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda." Ne ssetaani naye ekintu kye kimu ekyo akikkiriza. Ddala bwe kiri. Bayibuli egamba nti akikkiriza.

Naye Ekyawandiikibwa kigamba, mu Yokaana, nti, "Tewali muntu asobola kugamba nti Yesu ye Kristo, okuggyako ku bw'Omwoyo Omutukuvu." Eky'amazima, ky'obeera okoze, okusinziira ku Byawandiikibwa . . . Leka nsooke nnyimiriremukko wano, nga ssinnamalayo kye mbadde nsoma. Obeera tonnaba kukyusibwa okutuusa nga ofunye Omwoyo Omutukuvu. Ekyo ddala bwe kiri.

54 Obeera okkiriza "kutuuka ku" kumufuna. Omwoyo Omutukuvu abeera ayogodde gy'oli, era Yesu obeera omwatudde mu lujjudde. Ekyo ne ssetaani akikola. "Nzikiriza nti ye Mwana wa Katonda." Ne ssetaani akikkiriza. Naye awo obeera otambula nga ogenda gy'Ali.

Kati, Peetero yali yayitibwa era nga yaggyibwako n'omusango, olw'okukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo; era mu njiri ya Yokaana 17:17, Yesu yabatukuza okuyita mu Kigambo, kubanga Ekigambo ge gaali Amazima. Era nga Ye yali Kigambo. Essuula 1, eya Yokaana egamba nti, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli." Ye yali Kigambo, n'olwekyo Yabatukuza. Yagamba nti, "Kitange," ng'ayogera eri Omwoyo eyali mu Ye, "Mbatukuza okuyita mu Kigambo," Ye mwene, nga abassaako emikono Gye. "Ekigambo Kyo ge Mazima." Yayogera bwogezi n'Amutonda, mu nda y'omukazi; ha, kyali tekisobokerako ddala yadde n'akatono Ye okubaawo mu ngeri endala yonna okuggyako okuyita mu Kigambo kya Katonda kino okumusobozesa okulabisibwa. "Mbatukuza."

55 Yabawa obuyinza ku myoyo emibi. Ne bafuluma ne bagenda. Yateeka amannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. N'abatuma bagende, Yokaana . . . Matayo 10, n'abawa obuyinza ku myoyo emibi; okugoba zi dayimooni, n'okukola emirimu, n'ebirala. Era ne bakomawo, nga basanyufu, nga bagamba nti, "Ne zi dayimooni zitugondera."

N'abagamba nti, "Temusanyuka kubanga dayimooni zibagondera; wabula musanyuke kubanga amannya gammwe gali mu Kitabo." Nga Yuda naye ali wamu nabo. Mulaba bw'asobola okusembera okumpi ddala; yajja n'ayita mu kuggyibwako omusango, ne yeeyongera mu maaso n'atuuka ku kutukuzibwa. Naye wa we yalagira ky'ali? Wa we yeeropera? Nga Pentekoote tannagituukako, awo we yalagira ky'ali.

56 Mulabeeyo, omwoyo ogwo gujja kuba mujjumbize nnyo era nga gwewulira nga gusinga abalala bonna mu kwewaayo ne mu butuukirivu, okutuusa lwe gunaatuuka ku nsonga y'Omwoyo Omutukuvu, era awo we bajja okumugaanira awo wennyini. Gwe mwoyo ogwo (temugulaba?) bwe gutyo bwe gujja gutambula, omulabe wa Kristo. Okutuusa nti Yesu yagamba nti, "Giriba gifaanagana nnyo, mu nnaku ez'oluvannyuma, kabekasinge n'Abalonde bennyini gwandibakyamizza ssinga kyali kisoboka." Naye, mujjukire nti, Abalonde bokka be baligulabuukirira.

Katonda ayita asinziira ku kulondebwa. Ggwe, toli musanyufu okuba nti oli omu ku bo? Bantu mmwe, abali wano akawungezi kano, temukimanyi nti waliwo ekintu ekiri mu mutima gwo nga kikusika kigamba nti, "Nneetaaga Omwoyo

Omutukuvu oyo. Nkwetaaga, ayi Mukama, mu mutima gwange"? Ekyo kiriwo lwa kuba erinnya lyo Katonda yaliwandiika mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa. Bw'atyo bwe yagamba.

"Tewali muntu asobola kujja Gyendi," bw'atyo Yesu bwe yagamba, "okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka. Era abo bonna abajja Gyendi, Ndibawa Obulamu Obutaggwaawo." Obulamu Obutaggwaawo kye kiki? Ye Mwoyo Omutukuvu. "Obulamu Obutaggwaawo," kwata ekigambo ekyo onoonyereze bwe kiyitibwa mu Luyonaani, ojja kukisanga nga kiri, *Zoe*. Zoe ye Mwoyo Omutukuvu. "Abo bonna Kitange be yampa balijja Gyendi. N'abo bonna abajja Gyendi, Ndibawa Omwoyo Omutukuvu, era Ndibazuukiza ku lunaku olw'enkomerero. Ndikikola," bw'atyo bwe Yayogera. Tewali bya kugamba mbu bwe balikola kino-olwo-nange ndimubawa. "Ndikikola. Abo bonna abajja; era Ndibawa Obulamu Obutaggwawo." Omuntu oyo aliba ateekwa buteekwa okuzuukira, kubanga alina Obulamu Obutaggwaawo. Ateekwa buteekwa okuvaayo. Abeera takyasobola kufa era nga ne Katonda bw'atayinza kufa.

57 O, mikwano gyange abaagalwa abava mu buli kanyomero k'eggwanga lino n'abava mu kabuga kano, ssinga mbadde nsobola, n'eddoboozi lyange ery'obuntu, okuteeka mu mitima gyammwe obukulu bw'okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, kwe kwandibade okubikkulirwa okukyasinze obukulu kwe wali ofunye mu bulamu bwo. Okulaba ky'o. . . Oteekwa okumufuna.

Ekyo leka nkirambulule bulungi, eky'okugamba nti, "Obeera tonnakyusibwa."

58 Peetero yali yalokoka. Yakkiriza Mukama waffe, era n'amugoberera. Yesu yamubuulira erinnya lye, n'amugamba amugoberere. N'amuwa amaanyi okugoba emyoyo emibi n'okumutukuza n'amutukuza. Naye oluvannyuma lw'ebyo byonna, yafuuka n'omwogezi omukulu ow'ekibinja ekyo; nga Abakatuliki bwe bandyagadde okumuyita, "bisopu w'ekereziya, oba paapa," oba kyonna kye yali, omukulembeze omukulu ow'ekkanisa; naye Yesu yamubuuza, ku olwo ekiro lwe yaliibwawamu olukwe nti, "Peetero, onjagala?"

N'amuddamu nti, "Mukama wange, Omanyi nga nkwagala."

N'amugamba nti, "Liisa endiga Zange." Ekyo yakyogera emirundi esatu.

Peetero n'agamba nti, "Omanyi nga nkwagala, era nja kugenda Naawe okutuusa ku—ku nkomerero, era nja kugenda Naawe okutuusa okufa," n'ebirala.

59 Yesu n'amugamba nti, "Enkoko enaaba tennakookolima mirundi esatu, ojja. . .nga enkoko tennakookolima, ojja kuba waakanneegaana emirundi esatu." N'agamba nti,

"Naye, Peetero, Nkusabidde." Muwulirize. Tekikoma awo. "Nkusabidde. Era bw'olimala okukyusibwa, onywezanga baganda bo."

"Bw'olimala okukyusibwa." Yali yawoggana. Ob'olyawo yali yazinirako ne mu Mwoyo. Ya, yali akoze ebintu eby'enjawulo, naye yali tafunanga Mwoyo Mutukuvu. "Bw'olimala okukyusibwa, onywezanga baganda bo," ddala kituufu, "teeka mu nkola enteekateeka Ye."

60 Kaakati leka mmalirize okusoma Yokaana 14:12. Kati mu ssuula ey'e 14 n'olunyiriri olw'e 12, Yesu yagamba nti, "Ddala, ddala, mbagamba nti, oyo akkiriza . . ." Ate tosobola kukkiriza . . . "Akkiriza Nze." Osobola okumukkiriza n'*omusembeza*. Ekyo bameka abakitegeera? Mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

61 Mujjukire, mu Bikolwa by'Abatume 19. Kino kimpisa bubi okukikomya wano, naye nnina okukyogera nga bwe kinzijira. Mu Bikolwa by'Abatume essuula y'e 19, omubuulizi ono Omubaputisiti, eyali mu—munnamateeka n'akyusibwa, era eyali abuulira era nga n'abantu balokoka. Era baalina essanyu ery'ensusso, nga bajaguza baleekaana okukamala, nga bali mu lukuŋŋaana. Ebikolwa by'Abatume 18, Akula ne Pulisikira, twaboogeddeko akawungeezi k'eggulo, nga bwe baagendayo okumulaba. Era baali bakimanyi nti musajja wa linnya, era muyizi wa byawandiikibwa. Era yali akakasa okusinziira ku Bayibuli nti Yesu yali Mwana wa Katonda, naye nga amanyi kubatiza kwa Yokaana kwokka. Yali tannamanya ku kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu. Kati n'agamba . . .

Akula ne Pulisikira, abaali omwami ne mukyala we, abaali abakozi ba weema; era, nga ne Pawulo, naye yali mukozi wa weema. Era nga baali baafuna Omwoyo Omutukuvu wansi w'okuyigiriza kwa Pawulo. Baamugamba nti, "Waliwo ow'oluganda ali mu lugendo okujja eno. Leka tumuweeyo akakisa ayogereko gye tuli ku nsonga eyo."

Bw'atyo Pawulo bwe yatuukayo n'amuwulira nga abuulira, nga ate akimanyi nti yali musajja wa linnya, kye yava ababuuza nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

Ne bamuddamu nti, "Tetumanyi na kumanya nti waliyo . . . nti n'Omwoyo Omutukuvu gy'ali."

Kye yava ababuuza nti, "Kati mu ki," manyanga mu Luyonaani ekigambo ekikozesebwa awo kiri nti, "mwabatizibwa mutya?"

Ne bamuddamu nti, "Twabatizibwa dda Yokaana Omubatiza."

62 Kati mwekkaanye Pawulo kye yayogera. Pawulo yabagamba, nti, "Ddala kituufu Yokaana yabatizanga okubatiza

okw'okwenenya; naye tekwali kwa kuggyawo bibi, wabula kwali kwa kwenenya, nga kulaga nti ky'ekyo ky'okkirizza."

Bw'osembeza Kristo nga Omulokozi wo, obeera okkiriza *okutuuka ku* kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Okwo si kwe kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, baganda bange Ababaputisiti. Ekyo kikyamu.

Waliwo ow'oluganda eyaŋŋamba jjuuzi, yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," manyanga emabegako, myezi nga giigyo, yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, Ibulayimu yakkiriza Katonda, era ne kimubalirwa okubeera obutuukirivu."

Ne mugamba nti, "Mazima ddala."

Kye yava ambuuza nti, "Kati omuntu ayinza kukola ki ekisukka ku kukkiriza?"

63 Ne mugamba nti, "Ekyo kyokka omuntu ky'asobola okukola. Kye kyokka ky'asobola okukola leero, kwe kukkiriza Katonda. Naye Katonda yamuwa envumbo ey'okukomolebwa," gye twayogeddeko ekiro kya jjo, "nga akabonero akalaga nti yali akkirizza okukkiriza kwe mu Ye." Era, ne leero, okutuusa nga Katonda . . .

Ggwe omukkiriza bw'omusembeza nga Omulokozi wo. Naye Katonda bw'akussaako envumbo y'Omwoyo Omutukuvu, abeera akusibyeko envumbo okutuusa nga otuuse gy'olimala ebiseera byo eby'Obutaggwaawo. Kaakati mmwe Ababaputisiti ekyo mukikkirize, nange nja kukkiriziganya nammwe ku njigiriza y'obukuumi obw'Obutaggwawo. Yee, ssebo. Kubanga, "So temunakuwazanga Omwoyo Mutukuvu wa Katonda, oyo eyabasibwako nga envumbo okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Okukkiriza *okutuuka ku* kumufuna si kwe kukusibisaako envumbo, wabula Omwoyo Omutukuvu bw'omufuna y'akusibako envumbo. Abaefeso 4:30, "So temunakuwazanga Omwoyo Mutukuvu wa Katonda, oyo eyabasibwako nga envumbo okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Ekyo kye kikussaako envumbo, bw'olaba okuganja mu maaso ga Katonda, n'Akussaako envumbo y'Omwoyo Omutukuvu.

Bwe kityo bwe kiri, kubanga Bayibuli egamba nti, "Tewali ayinza kuyita Yesu nti ye Kristo, okuggyako ku bw'Omwoyo Mutukuvu."

64 Oyinza okugamba nti, "Nkikkiriza kubanga omusumba yakyogera." Omusumba mutuufu, naye ekyo si ggwe abeera akyeyogeredde. "Nkikkiriza kubanga Ekigambo bwe kigamba." Kituufu, naye mu ggwe kiba tekinnatuukirira, si ggwe abeera akyeyogeredde.

Engeri yokka w'osobolera okwogera nti Yesu ye Kristo, weewo nga Omwoyo Omutukuvu azze mu ggwe n'akakasa, era

ne Yeeweera obujulizi nga asinziira mu ggwe nti, "Ye Mwana wa Katonda." Eyo ye ngeri yokka gy'osobola okutegeeramu okuzuukira, nga Omwoyo Omutukuvu y'akiwaddeko obujulizi nga asinziira mu ggwe. "Ye oyo Omwoyo Omutukuvu bw'alijja, Alyogera ebikwata ku Nze, alibalaga ebigenda okujja; alibajjukiza ebintu bino, bye Njogedde, musobole okubijjukira." Temulibisanga mu ttendekero. Mukiraba? Ye y'alibajjukiza ebintu bino.

65 Kaakati twagala tweyongereyokko mu maaso n'okusoma Ekyawandiikibwa kino kati, enjiri y'Omutukuvu Yokaana 14:12.

> *Ddala, ddala, mbagamba nti, Akkiriza nze, emirimu gye nkola nze naye aligikola; era n'egisinga egyo obunene . . .*

Nga ekyo, enzivuunula yaakyo entuufu kitegeeza "egisingako obungi," bw'oba wandyagadde okukinoonya.

> *. . . era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze ŋŋenda* eri *Kitange.*

66 Nga singa Agenda eri Kitaawe, Omwoyo Mutukuvu abeera ajja kujja. Si bwe kiri? Ekyawandiikibwa ekirala kigamba nti, "Bwe Ssigenda, Omubeezi talijja. Naye bwe ŋŋenda, Ndikomawo nate mbeere nammwe, era mu mmwe." Mukiraba, ye Katonda nga ali naawe. Yali waggulu wo, okusooka; ekyaddako n'abeera naawe, bwe yali mu Kristo; kaakano ali mu ggwe, mu Mwoyo Omutukuvu. Ye Katonda nga ali mu ggwe.

67 Kati, "Emirimu gye nkola Nze nammwe muligikola," si mulimu mulala. Wabula Katonda ayagala aleete Omwoyo Omutukuvu, amuteeke mu ggwe, asobole okutwala mu maaso omulimu gwe gumu gwe Yakola nga ali mu Kristo.

Omulimu tegwalina bwetaavu bwa maanyi mu biro bya Luther. Weewaawo nayo yali Kkanisa ya Katonda. Tegwali . . . Gweyongera okuba n'obwetaavu okusingako mu biro bya Wesley.

Kubanga, "Ensi," Bayibuli egamba nti, "yali ya kweyongera okunafuwa, n'okufuuka engezi okusingawo, wamu n'okweyongera okwonooneka ebiseera gye byeyongera okuyita." Tu . . . Ensi yeeyongera bweyongezi kwonooneka . . . Ekyo tukimanyi. Kubanga, abantu balina ebintu bye bakola ennaku zino, mu myaka kikumi egiyise bye wali toyinza kulowooza nti wayinza n'okubeerawo omuntu ow'ettima ekyenkanidde awo. "Eryeyongera okwonooneka buli kiseera, n'ababi balyeyongera okukola obubi, buli kiseera," Ebyawandiikibwa bwe bigamba, "eriba yeeyongera bweyongezi."

68 N'olwekyo, Omwoyo Omutukuvu abaddenga atambula. Yaliwo mu biro bya Luther mu kigera nga eky'okussa obussa omukka; ne Yeeyongera mu kigera ekigeraageranyizibwa n'okufuuwa omukka mu biro bya Wesley; ne Yeeyongera

mu kigera eky'okufuuwa omukka n'amaanyi mu biro by'Abapentekoote; naye kati ekigera ky'okussa obussa omukka awamu n'Omwoyo kennyini bifuuse ekintu kye kimu. Byonna byegasse wamu, ne bireeta okuwuuma kuli okw'amaanyi okw'Omwoyo Omutukuvu nga bwe Yakola ku mulundi guli, nga alaga emirimu gye gimu gye Yakola edda luli, nga girabisibwa mu kiseera kino leero, ekintu kye kimu kyennyini.

69 Mulabeeyo Yesu kye yayogera: "Ddala, ddala mbagamba nti, Omwana talina ky'ayinza kukola okuggyako nga amaze kulaba Kitaawe nga akikola. Kitange ky'akola, ky'Alaga Omwana. Kitange abeera mu Nze; Oyo y'akola emirimu." Mukiraba?

70 Kaakati mwekkaanye, waliwo ekintu ekirala wano kye njagala okwogera wano wennyini. "Nga," Yesu yagamba nti, "nga Kitange bwe yantuma. Nga," kati mwekkaanye, "nga Kitange bwe yantuma, Nange bwe mbatuma." "Nga Kitange. . ." Kitaawe yamutuma atya? Kitaawe, eyamutuma, yakka okuva mu Ggulu n'atuula mu Ye.

N'agenda n'akola. Yagamba nti, "Bulijjo nkola ebyo ebisanyusa Kitange." Mulaba? Yagendanga n'akola ebintu ebyo Kitaawe bye yamulaganga okukola. "Tewali kye Nkola nga Kitange tasoose kukindaga." Katonda eyamutuma, yali munda mu Ye. "Era nga Kitange bwe yantuma, mu ngeri y'emu Kitange gye yantuma, Nange bwentyo bwe Mbatuma." Kitegeeza ki ekyo? Katonda nga ali mu ggwe, nga atwala mu maaso (ekiki?) emirimu gye gimu, gye gimu ddala.

Yesu yagamba nti, "E. . . oyo *akkiriza,* oyo alina Nze munda mu ye, mu nkula y'Omwoyo Omutukuvu; oyo *akkiriza,* oyo amaze okukakasa okuzuukira Kwange, nga amanyi nti Ndi mu ye. Oyo abeera mu Nze; bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange ne bibeera mu mmwe."

71 Kati oyinza okugamba nti, "Mbeera mu Yesu; naye amazima gali nti ssikiririza mu kuwonyezebwa kuva eri Katonda." Ekyo kiraga nti Takuliimu.

72 "Nzikiririza mu Yesu; naye ssikkiriza nti Omwoyo Omutukuvu bamufuna leero, tebakyamufuna nga bwe baamufunanga mu biseera biri." Ekyo kiraga nti mu ggwe Taliimu.

73 Omwoyo Omutukuvu ajja kukakasa buli Kigambo kye Yayogera. Si mulimba. Tatya muntu yenna yadde ekibiina kyonna. Tasobola kwekkiriranya ku lwa muntu yenna. Ayogera, era n'Akituukiriza.

Aba waggulu, n'abaayonooneka, n'abaasoma, oba nga bwe tuyinza okubayita, abakozesa obugagga bwabwe okulinnya ku balala, bwe babeera tebaagala kumufuna, "Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusaamu abazzukulu eri Ibulayimu." Ajja kuddira abayaaye, n'abatamiivu bawaddanga, n'abalala aba buli ngeri, abayimuse. Katonda asobola

okukikola, era Akikola ne kaakati. "Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusaamu abazzukulu eri Ibulayimu." Waliwo ajja okukikola, kubanga Ye Katonda.

74 "Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange ne bibeera mu mmwe, musabe kyonna kye mwagala," kubanga obeera osaba kusinziira ku Kigambo Kye, ate nga Ekigambo Kye Bulamu. Kyogere. Katonda bw'aba yakyogera, era nga okakasa nti Yakyogera, Omwoyo Omutukuvu awa obukakafu nti Ekigambo ekyo kituufu, kaakati awo, ekyo kinyweze, ow'oluganda. Kyogere; kijja kubaawo. "Yogera eri olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' tobuusabuusa mu mutima gwo, naye kkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira." Si ggwe aba ayogera, wabula Kitaffe atuula mu ggwe; y'Aba ayogera. Si ggwe aba ayogera eri olusozi olwo, wabula Kitaffe ali mu ggwe, y'abeera ayogera eri olusozi olwo. Luteekwa buteekwa okusigulwa. "Eggulu n'ensi byonna biriggwaawo," bwe Yayogera, "naye Omwoyo Wange taliggwaawo, manya, Ekigambo Kyange tekiriggwaawo." Ddala, Tekisobola kuggwawo. Kitaffe!

75 Kaakati, "Emirimu gye Nkola." Katonda ali mu Kkanisa Ye, asobole okutwala mu maaso emirimu Gye. Ye nsonga lwaki Yaweereza Omwoyo Omutukuvu. Kaakati, ekyo Yali akimanyi. Ye, yali Akimanyi nti tekisoboka, tekisoboka kukolebwa mu ngeri eyo, wadde mu ngeri endala yonna, na bwe kityo Yalina okumuweereza. Kitaffe yatuma Omwana, n'ateeka ebyo byonna ebyali mu-. . . Mwana n'abiteeka mu mmwe. Era emirimu gye gimu gye Yakola, emirimu gye gimu gyennyini Yesu gye yakola, nammwe gye munaakola, mmwe Ekkanisa.

Mmwe temwandyagadde kukola mirimu gya Katonda? Yesu yagamba nti, "Bwe muba mwagala okukola emirimu gya Katonda, munzikirize Nze." Omukkiriza otya? Tosobola kumukkiriza okutuusa nga ofunye Omwoyo Omutukuvu.

76 Kubanga, tewali muntu ayinza kugamba nti Ye Mwana wa Katonda; bw'okyogera obeera oddiŋŋana buddiŋŋanyi ekyo omulala kye yayogera. "Bayibuli egamba nti Ye Mwana wa Katonda; Bayibuli ngikiriza." Kale. "Bayibuli egamba nti Ye Mwana wa Katonda; Bayibuli ngikiriza. Omusumba agamba nti Ye Mwana wa Katonda; nzikiriza omusumba ky'ayogera. Maama agamba nti Ye Mwana wa Katonda; maama mmukkiriza mu ky'ayogera. Mukwano gwange agamba nti Ye Mwana wa Katonda; mukwano gwange mmukkiriza mu ky'ayogera."

Naye engeri yokka gye nsobola okukyogera nti Ye Mwana wa Katonda, weewo nga Omwoyo Omutukuvu azze mu nze n'akyatula Ye mwene mu nze, olwo lwe nnaamanya nti Ye Mwana wa Katonda. "Tewali muntu ayinza kuyita Yesu nti ye, 'Kristo,' okuggyako ku bw'Omwoyo Omutukuvu." Awo!

77 Tewali muntu ayinza kwogera ku bwa Mwoyo wa Katonda n'agamba nti Yesu mukolimire, oba n'agamba nti Yali kintu

gundi mu kiseera gundi ate leero ali kintu kirala. Ekyo kiba kimufuula munafu era akyukakyuka. Nedda, ssebo.

Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ekyo Omwoyo gwonna omutuufu gujja kukikkaatiriza nti ddala bwe kiri. Kale.

78 Kati, Yagamba nti, "Emirimu gino Nze gye nkola nammwe muligikola," Yokaana 14:12, kati, emirimu gye gimu.

"Ha," bagamba nti, "leero ekkanisa ekola emirimu egisinga ku giri." Mu ngeri ki?

Yagamba nti, "Emirimu gye nkola Nze."

"Ekyo," bagenda ne bagamba, "naye, tulina abaminsani abagenda mu nsi yonna, ogwo mulimu ogusinga ku giri."

79 Naye Yagamba nti, "Emirimu gye nkola Nze." Kaakati musooke mugikole, musooke mugikole, bwe mumala okugikola mulyoke mwogere ku baminsani.

80 Leero, waliwo eddako wano lwe nnali njogera ku Musiraamu omu, eyaŋŋamba nti, "Muhammadi yafa."

"Ekyo ddala kituufu, era ali mu ntaana, naye lumu alizuukira." N'agamba nti, "Naye singa azuukira n'avaayo mu ntaana, ensi yonna eba ejja kukimanya mu ssaawa abiri mu nnya zokka." N'agamba nti, "Naye mmwe bantu mmwe mugamba nti Yesu yaakamala emyaka enkumi bbiri kasookedde azuukira, naye n'abantu abaakakimanyaako tebawera yadde kimu kya kusatu."

Ensonga eri lwakuba mukyogeddenga musinziira ku magezi gammwe ag'obuntu nga bwe mukiraba. Mukyogeddenga kusinziira ku bye mwayigirizibwa mu ssomero oba bye mwayigirizibwa.

Ssinga ekkanisa ya Katonda eno ennene, yonna awamu, nga obaze Abakatuliki, n'enzikiriza zonna ezaawakanya Obukatuliki, nga obagasse wamu bonna, ssinga baali baafuna Omwoyo Omutukuvu, ensi eno yonna yandibadde yannyikira mu Bukristaayo; tewandibaddewo bintu nga bwa nnaakalyak'ani; tewandibaddewo bintu nga bukuubagano, oba obulabe, oba ettima, wadde obukyayi. Yesu yandibadde atudde ntende ku Ntebe Ye ey'obwakababaka, era twandibadde tutambulira mu nsuku za Katonda ez'okwesiima, nga tulina Obulamu Obutaggwaawo, nga tubeera balamu emirembe gyonna; nga twamala dda okuzuukizibwa mu mibiri emipya, nga tugenda tulambula wonna, obutaddamu kukaddiwa, obutaddamu kumera nvi, obutaddamu kulwala, obutaddamu kulumwa njala; nga mu ssanyu lya Mukama waffe mwe tutambulira, nga twogera n'ebisolo. Era, ha, nga kyandibadde kiseera kisuffu! Naye tukoze buli kintu ekirala kyonna okuggyako kye Ya . . .

81 Yagamba, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri." Enjiri kye kiki? "Si Kigambo bugambo kyokka, wabula okuyita mu

Maanyi n'okulabisibwa kw'Omwoyo Omutukuvu." Okuleetera Ekigambo kya Katonda okulabisibwa mu buliwo, ye Njiri.

82 Tosobola kukikola. Kaakati, ekyo Yesu yakimanya, nti Yalina okubeera mu Kkanisa Ye.

N'olwekyo, Yakimanya nti twali baakubeera n'amasomero agayigiriza enjigiriza ez'endowooza ez'obwongo. Ate nga Kino tosobola kukifuna kuva mu ssomero liyigiriza njigiriza za ndowooza za bwongo. Bajja kukiwakanya. Kubanga, kyokka kye bamanyi eyo kwe kuyigiriza ebintu ebyayiiyizibwa abantu abagezigezi, ekiyiiye ky'enzikiriza eky'engeri emu oba ekibiina ky'eddiini bo kwe—kwe baagala okutambulira. Na bwe kityo bajja ku—bajja kukuyingiza era bakunywereze mu kintu ekyo bakufuule mmemba waakyo, era, ow'oluganda, babeeko ne bye bakunokolera okuva mu kiyiiye ky'enzikiriza ebinaawulikika nga ebituufu ddala. "Ekereziya entukuvu ey'ekitalo, nnyaffe, eyise mu bulumbaganyi obwa buli ngeri, egumidde entalo." Naye ne ssetaani ebyo abiyiseemu; akubiddwa ensambaggere nga bamufubutula okuva buli wamu, kyenkana, naye era waali akyagenda mu maaso. Yee, ssebo. O, bajja kugezaako okukunokolera ebintu nga bino.

83 N'olwekyo Yesu yakimanya nti waali wa kubaawo omugendo ogw'amaanyi ennyo ogw'enjigiriza ez'obwongo era nga bwe kyali mu biro Bye, bwe baakwatanga obulombolombo bw'okunaazanga ebikompe n'ebibya, n'okwambaza bakabona ebitogi ebyekulungirivu, n'ebirala bye baakolanga, n'ebintu ebyo byonna eby'enjawulo bye baakolanga. Yakimanya nti baali ba kubikola, kye Yava agamba nti, "Kati musooke mulindeeko. Ssiribaleka nga bamulekwa, wabula Ndikomawo gye muli. N'olwekyo," n'Agamba nti, "emirimu gye Nkola, nammwe gye mulikola."

84 Ekigendererwa ky'okuweereza Omwoyo Omutukuvu kyali nti Katonda asobole okugenda mu maaso nga akolera mu kibiina ky'abantu, bagende mu maaso n'okwolesa Katonda eri ensi. Ky'ekyo kyennyini. Nga tebakikola kuyita mu kiyiiye kya nzikiriza, nga tebakikola kuyita mu kibiina kya ddiini, wabula nga bakikola okuyita mu Maanyi ag'okuzuukira Kwe, nga baleetera Ekigambo Kye okuba ekya nnamaddala; nga beesigama ku kisuubizo Kye, wamu n'okuyimirira wamu n'abatono, nga bakkiriza Katonda; ne balaba ebire ebibadde bikutte kazigizigi bwe byeyerula ne bivaawo, Amaanyi ga Katonda ne gajja ne gafufugaza embeera yonna ebeera ebaddewo. Amiina. Ekyo ky'Ayagala. Eyo y'ensonga lwaki Omwoyo Omutukuvu yaweerezebwa. Ekyo kye kigendererwa lwaki Yaweereza Omwoyo Omutukuvu. Kaakati ky'Ali tukimanyi, naye kati eyo y'ensonga lwaki yamuweereza.

85 N'olwekyo, teri musaayi mulala gwali gusobola kutukuza bantu. Nze nnali ssisobola kukutukuza, nga naawe tosobola

kuntukuza, kubanga ffembi twazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa musajja na mukazi. Naye Yesu ye yazaalibwa tayise mu kwegatta kwa musajja na mukazi, ddala bwe kyali, n'olwekyo Omusaayi Gwe gwe gutukuza. Bw'atyo Katonda yakka wansi, n'akola omubiri, n'agubeeramu, n'ayiwa Omusaayi gw'omubiri ogwo olw'okutukuza bano, era nga gwe gwaggyirawo ddala okusingisibwa omusango olw'ekibi awamu n'ensonyi. Okuva awo, okuyita mu kukkiriza, nga omuntu akkiririza mu Musaayi ogwo, Katonda akka wansi n'ayingira mu mubiri ogwo ogw'obuntu, okuyita mu kutukuzibwa okukolebwa Omusaayi ogwo, ekyo ne kimufuula Ezzadde lya Ibulayimu, olw'okukkiriza.

86 Okukkiriza nti Omusaayi ogwo gwali gwa kujja, Omusaayi ogwo omulongoofu kyali kyakuba kyamagero nga eky'omusaayi gwe, bwe yatambula ne yeeyongera mu maaso okuva mu kiseera we yali "kyenkana nga eyafa." N'akkiriza Katonda okumala emyaka abiri mu etaano, nga yali wa myaka nsanvu mu etaano, naye n'akkiriza okutuuka lwe yaweza emyaka kikumi. Ne Saala, ku myaka nkaaga mu etaano, naye n'akkiriza okutuusa lwe yaweza emyaka kyenda. "Nga kyenkana ali nga eyafa."

Naye Katonda n'amugamba nti, "Okusobola okukakasa nti abantu tebakibuusa maaso, mutwale waggulu ku kasozi omuweeyo nga ssaddaaka."

87 N'agamba abaddu be nti, "Mmwe mukome wano n'ennyumbu mutulinde. Nze n'omulenzi ka tweyongereyo waggulu tusinze, bwe tunaamala nze n'omulenzi tunaakomawo." Ha, agenda kukikola atya?

Ibulayimu yagamba nti, "Kyenkana nnamufuna nga avudde mu bafu. Era mmanyi nti Oyo eyamumpa, nga eyava mu bafu, asobola okumuzuukiza era okuva mu bafu ssinga nnaagondera Ekigambo Kye. Bwe ŋŋonda, bwe ŋŋondera Ekigambo Kye; Asobola okumuzuukiza okuva mu bafu."

88 Nga kyogerera ddala ku Kristo! Ye wuuyo awo. Era okuyita mu katofaali k'Omusaayi ako mwavaamu Omwoyo Omutukuvu, Oyo eyali yeesibira mu mubiri ogwali guyitibwa Yesu. Omusaayi ogwo gwatukuza ekkubo, okuyita mu kukkiriza, okusobola okuyitayo abo abaanunulibwa, manyanga Abalonde ba Katonda. Era bw'ogukkiriza, Omwoyo Omutukuvu n'akuggyamu ettima lyonna, Ajja n'ayingira mu ggwe, Katonda Mwene, asobole okukola by'Ayagala bikolebwe.

89 Bw'obeera wano eno, mukama wo ow'omutima omubi ajja kubeera n'entondo; ne *gundi* ono erudda wano naye akole *bino;* ne nnamukadde *ono* naye ayogere bubi ku Mwoyo Omutukuvu, amujolonge. Naye omuntu ajjudde Omwoyo Omutukuvu ebyo byonna ajja kubigumira abiyitemu awatali kusagaasagana kwonna. Amiina.

90 "Awo ne babeetegereza. Baali tebamanyi kusoma era nga tebaayigirizibwa, naye ne babeetegereza nga baali wamu ne Yesu." Ekyo Omwoyo Omutukuvu kye yajja okukola.

91 Musajja wattu ono omuvubi yali tasobola yadde okuwandiika erinnya lye. Naye yayimirira n'ababuuza nti, "Kati tukkirize ani, bantu oba Katonda?" Amiina. "Kati nno mukitegeere nti, tugenda kusigala nga tubuulira mu Linnya lya Yesu." Abaffe, obwo nga bwali buvumu bwa maanyi! Yali akimanyi nti—nti alina Amaka emitala eri. Ddala bwe kiri. Yali muyise era mugenyi bugenyi wano. Yali anoonya Ekibuga ekigenda okujja.

Kati kabona oyo munnanfuusi yalina makulu ki gy'ali? Yali wansi wa bufuzi bwa Katonda w'Eggulu, eyazuukiza Omwana We, Kristo Yesu, era eyamujjuza n'Omwoyo wa Katonda eyakola eggulu n'ensi. Kiikyo. Yali tamutya. Nedda, ssebo. Okufa . . .

92 Kubanga, bwe baakwata musajja wattu Suteefano ne bamutwala, ne bamugamba nti, "By'oyogedde bimenyewo!"

Yabaddamu nti, "Mmwe abakakanyavu b'ensingo, era abatali bakomole mu mitima gyammwe ne mu matu, bulijjo muziyiza Omwoyo Omutukuvu. Nga bakitammwe bwe baakola, nammwe bwe mukola."

Ne bamugamba nti, "Tugenda kkukuba okutuusa lw'onaafa!"

N'abagamba nti, "Ekyo temwandikikoze ssinga . . . "

"Kati nno tugenda kukulaga oba tusobola okukikola oba nedda!" Ne balonda agayinja aganene ne batandika okugamuggunda ku mutwe.

93 N'ayimusa amaaso waggulu, n'agamba nti, "Ndaba Eggulu nga libikkuse. Ndaba eddaala nga likka okuva waggulu. Ndaba Yesu nga ayimiridde ku mukono ogwa ddyo ogw'Oyo Nnyini buyinza." Era Bayibuli tegamba nti yafa; egamba nti yeebaka bwebasi. Ha, bannange! Ndaba Malayika nga akka, n'amuwambaatira n'amusiisiitira nga akaana akawere, nga maama, okutuusa lwe yeebaka. Ha, bannange! Mazima ddala.

94 Ekyo kye kigendererwa ky'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu. Eyo y'ensonga lwaki Katonda yaweereza Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu yajja okukuwa Amaanyi. Nkyalinawo Ebyawandiikibwa ebirala wano, mu kaseera katono. Omwoyo Omutukuvu yajja okukuwa Amaanyi. Si—ssiri . . . Kino musobola okukyezuulira; ntwaliriziddwa nnyo mu birala, akawungeezi kano.

Okukuwa Amaanyi, Amaanyi mu kusaba!

95 Ggwe funa omuntu atambuliddenga mu bulamu obutaliiko kunenyezebwa, naye nga bulijjo abeera awangulwa. "Ha, nkubuulire . . . " Omuntu omulungi agamba nti, "Oo, mazima,

Mukama mwagala, Ow'oluganda Branham." Naye nga bulijjo abeera awangulwa, nga okusaba kwe lubeerera tekuddibwamu.

Leka lukye lumu omukazi oyo ajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu, linda olabe ekinaddirira. Bw'agenda mu maaso ga Katonda, aba takyawangulwa. Ajja n'obuvumu mu maaso g'Entebe ya Katonda, nga akkiriza. Alina ebbeetu okujja kubanga muwala wa Katonda, okuyita mu Kuzaalibwa.

Ddira musajja wattu oyo, abadde omutiitiizi, mukama we gw'ayuuya n'amuzza eno n'eri. Ku luno ajja kumugamba nti, "Sooka nno olindeko." Waliwo ekiba kikyuse, okiraba, kati alina Omwoyo Omutukuvu. Akuwa Amaanyi. Obulamu bwo buba bujjudde Amaanyi.

Akuwa Amaanyi mu kwogera.

96 Kubanga, bannange, abantu abo abaali batidde, nga bonna beekukumye erudda eri; Peetero, Yakobo, Yokaana, Lukka, n'abalala bonna. Baagenda ne beekukuma mu kisenge ekya waggulu, nga bagamba nti, "Ha, tetuyinza kwetantala kubaako kirala kyonna kye twogera. Mmwe mubalengere, mulabeeyo, wabweru wansi eri waliwo Dokita *Gundi* wamu ne gundi. Waliwo Labbi *Gundi* wamu ne gundi oli. Ate mumumanyi, alina ddiguli nnya eza yunivasite; tunaaasobola tutya okumweŋŋanga?" Peetero n'agamba nti, "Ha, omusajja oyo nzijukira lumu lwe nnamuguza ebyennyanja. Ye, yayogera, nga ne by'ayogera sibitegeera. Ha, siyinza kwetantala kumweŋŋanga." Naye ki . . .

"Kati tukole ki, ab'oluganda?"

"N'abagamba nti, 'Mulindirire.'"

"Naye, twakamala wano ennaku kati nnya."

"Mmweyongere okulinda."

"Kumala bbanga ki?"

"Okutuusa nga kibaddewo."

"Naye, kkozzi Yagamba nti kiribaawo ku lunaku lwa kutaano?"

"Teyayogera bbanga lye kiritwala nga tekinnabaawo. Yagamba kimu nti, 'Okutuusa nga kibaddewo.'"

Bwe batyo, ne beeyongera okulinda. Kumala bbanga ki? "Okutuusa nga kibaddewo." Ennaku munaana ne ziyitawo. "Okutuusa nga kibaddewo." Ennaku mwenda ne ziyitawo. "Okutuusa nga kibaddewo."

Awo oluvannyuma *olunaku lwa Pentekoote* bwe *lwatuuka mu bujjuvu, bonna baali* mu kifo kimu, mu kukkiriziganya.

97 Katonda yali ababadde waggulu, mu Kire eky'omuliro; Katonda yali atambuddeko nabo, ku nsi; naye kati waliwo ekirala ekyali kinaatera okubaawo. Waaliwo ekibindabinda.

. . . *bonna baali* mu kifo kimu, mu kukkiriziganya.

Amangu ago okuwuuma ne kuba mu ggulu . . . ng'empewo ewuuma n'amaanyi, ne kujjuza ekisenge *kyonna mwe baali batudde.*

. . . *ennimi ezeeyawuddemu . . . ne zituula ku . . . bo.*

Okweyawulamu kye kiki? "Okwekutulamu." Nga okunanaagira, wali owulidde ku muntu ananaagira? Abeera bw'ati, "uh-uh-uh, oh, uh-uh," okiraba, nga tayatula kintu kyonna. "Okweyawulamu, okwekutulamu." Nga bw'olaba ekinuulo bwe *kyeyawulamu*, kitegeeza ekintu "ekyawuddwamu, ekigabanyiziddwamu." Baali teboogera. Baali tebajoboja. Baali tebalina kye bakola okuggyako okuleekaana obuleekaanyi.

. . . *ennimi ezeeyawuddemu* ne zituula ku bo, nga zirabika nga omuliro. (O, baali tebakyasobola kukyebeera!)

Bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, . . . (Huuu!)

98 Ekyo bwe kyabaawo kiki ekyaddirira? Ne bafuluma ne boolekera enguudo z'ekibuga. "Labbi Jones oyo ali ludda wa? Omusajja oyo ali ludda wa? Ye aliwa oyo gwe bayita kakensa mu bya bwiino?"

"Katonda yali waggulu waffe, bwe yali ne Musa, mu lusaka olwaka; Yatuliisa emmaanu, eva mu Ggulu. Yatambula naffe okumala emyaka esatu n'omukaaga . . . emyaka esatu n'emyezi mukaaga, wano ku nsi. Naye kati Ali mu nze. Si nze ayogera; wabula Ye y'ayogera. Mmanyi Ye Ani, nange mmanyi kyendi. Ono ayogera takyali nze; wabula Ye."

Mumuleete wano! *Mmwe abasajja ab'omu* Isiraeri, *nammwe . . . abatuula* mu Buyudaaya, *kino mukitegeere—mukitegeere, era muwulire eddoboozi* lyange, mwe mwenna ababuulizi ne ba labbi.

Wuuu! Bannange! Amaanyi ag'okwogera! Ha! "Bano tebatamidde!" Nga ayimiridde ku lw'abatono abo, ekikumi mu abiri, nga boolekanye ne bali omutwalo mulamba ob'olyawo n'omusobyo.

. . . *bano tebatamidde, nga* mmwe *bwe mulowooza, kubanga* ye *ssaawa ey'okusatu ey'emisana.*

Ndi mubuulizi abuulira Enjiri enzijuvu. *Naye kino* kye *kiri ekyayogerwa nnabbi* Yoweeri *nti;*

. . . *olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, ndifuka . . . Omwoyo gwange* (wuuu) *ku balina omubiri bonna: era abammwe . . . Mulabye* Maliyamu wali nga azinira mu Mwoyo, nga bw'ayogera mu nnimi n'ebirala by'abadde akola? . . . *ku balina omubiri bonna:* . . .

. . . *ne* ku bazaana *bange ndibafukira* . . . *ku Mwoyo gwange;* . . .

. . . Ndyolesa obubonero mu ggulu *waggulu, ne* . . . *mu nsi* wansi; . . . empagi *z'omuliro,* n'okunyooka *kw'omukka:*

Awo mu kaseera ako Katonda yali mu bantu Be. Amiina.

"Naye, kati, ggwe ddiguli ya kika ki gye wattikkirwa? Wava, ttendekero ki lye wavaamu?"

99 "Ekyo essaawa eno tekirina makulu gonna ge kikola." Ha, n'atandika okufukumula Ebyawandiikibwa.

(Dawudi yamulaba nga tannabaawo!) . . . *Mukama mmutadde mu maaso gange bulijjo* . . . sijja *kusagaasagana*:

. . . *omutima gwange* kye guvudde gusanyuka, kubanga . . . *n'olulimi lwange kye lwava* lufuna essanyu;

. . . talireka *mmeeme yange magombe, wadde okuleka Omutukuvu* we *Oyo okulaba okuvunda.*

. . . *nnyinza okwogerera n'obuvumu* mu *maaso gammwe ebya jjajjaffe omukulu Dawudi,* . . . *nti yafa n'aziikibwa, n'amalaalo ge gali naffe* . . . *ne kaakano.*

Naye nga nnabbi . . . yalengera okujja kw'Oyo Omutukuvu.

. . . era mukitegeere kaakano nti, *Yesu y'omu* ono, Oyo gwe *mwakomerera* n'emikono emibi, *Katonda yamufuula Mukama era Kristo.* (Amen!)

100 "Abasajja era ab'oluganda, tukole tutya okulokoka?"

. . . n'abagamba nti, *Mwenenye*, buli omu ku mmwe, mubatizibwe *okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo okuggyibwako* ebibi byammwe, *munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu.*

Kubanga okusuubizibwa kwammwe, era kwa baana bammwe, n'abo bonna abali *ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe* b'aliyita. (Amiina.)

101 Kasita Katonda aba n'abantu, Katonda aba alina Ekkanisa, era Katonda aba n'Omwoyo Omutukuvu atambula n'Ekkanisa eyo. Eyo ye nsonga lwaki Katonda yaweereza Omwoyo Omutukuvu. Abagezigezi ab'entegeera ey'obwongo bajja kugolokoka; era bulijjo babaddengawo. Naye Katonda alina w'alina abantu be abatono. Katonda alina Ekkanisa ey'abatono abanaagenda mu maaso n'Omwoyo Omutukuvu, nga balondoola Omusana. Era abo, okuyita mu bujulizi bwabwe, be balisalira ensi omusango.

Bayibuli tegamba nti Yesu yagamba nti, "Balina omukisa abalina omutima omulongoofu; kubanga baliraba Katonda"? Era Bayibuli y'emu tegamba, nti, "Abatuukirivu, abatukuvu, be baliramula ensi"? Ddala.

Obujulizi bwo bulisaliza ekibuga kino omusango. Obujulizi bwaffe obw'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu wamu n'Amaanyi ga Katonda, n'obulamu obutukuvu, bulisaliza ekibuga omusango. Kino bwe . . .

102 "Ab'olubereberye baliba ab'oluvannyuma; n'ab'oluvannyuma baliba ab'olubereberye." Sankey ne Moody bwe balizuukira ndiba ssirina kye mbamanyiiko, mu kuzuukira kwabwe. Nabo baliba tebalina kye bammanyiiko, mu kuzuukira kuno. Naye mu kuzuukira kuno mwe ndiyimirira, okuwa obujulizi; nammwe mwe muliyimirira.

Era okuyita mu bujulizi obwo, okuyita mu kubunyisa Omusana gw'ekiseera kyammwe, awamu n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, n'okuyita mu bulamu bwe mutambuliddemu, n'ebintu Katonda by'akoze okukakasa nti y'Atambula wano; naye bo wamu n'abagezigezi baabwe abatambulira ku magezi ag'obwongo, Omusana ogwo ne bagusambajja; abatukuvu balibasalira omusango. Bo baasalirwa dda omusango. Baaguyitako dda. Ha, bannange!

103 Mbadde njogera ku Maanyi ag'okusaba, Amaanyi ag'okwogera, Amaanyi ag'okutambulira mu bulamu obutukuvu. Amiina. Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'alina okukola.

104 Abamu ku mmwe mugenda, mugamba, "Naye, nze nnemeddwa okuva ku mwenge. Nnemeddwa okuva ku *kino*."

Omwoyo Omutukuvu ajja abeere mu ggwe, asobole okuleetera bino byonna ebya *nnemeddwa* okuva ku kino okukuvaako. Ky'ekyo. Aleetere abakazi okulekera awo okusalako enviiri zaabwe, abaleetere okulekera awo okwambala empale ennyimpi n'empale empanvu. Babeere nga tebakyawa bya kwekwasa. Abaleetere okulekera awo okubungeesa eŋŋambo. O, weewaawo, ky'ekyo ekyamuleeta, kukufuula bulamu butukuvu. Ajja kugoberera biragiro bya Bayibuli buli kaseera.

105 Omukazi ajja kugamba nti, "Ebbugumu lingi nnyo; na bwe kityo obugoye nga buno bwe nnina okwambala. Enviiri zange bwe nzireka ne zikula zinnumya omutwe."

Naye tewajja kubaawo bya kwekwasa byonna bw'anaafuna Omwoyo Omutukuvu. Abeerawo okukakasa nti kikolebwa. Ajja kugoberera Ekigambo ddala ddala nga bwe kiri. Ky'ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ajja okukola.

Ajja akusobozese ggwe omusajja okukyusa omutwe gwo guleme okutunuulira abakazi abambadde kumpi obukunya, era olekere awo okubaakirako, ne bammemba b'ekkanisa. Ky'ekyo ky'Ajja okukola.

106 Ajja akusobozese okuva ku kunywa sigala n'omwenge, n'okuba . . . n'okwagala okwefuula ow'ekitalo. Ebyo Ajja kubikuggyamu. Ajja kukuwombeeka bw'onookikola. Ekyo kye

kireeta Omwoyo Omutukuvu. Ajja akusobozese okutambulira mu bulamu obutukuvu. Ddala bwe kiri. Akuleetere okulekera awo okubungeesa eŋŋambo. Akuleetere okuva ku kuzannya matatu, n'okukuba zzaala, n'ebintu ebirala bino byonna by'okolera mu nkukutu.

Ajja kukuleetera okulekayo enneeyisa yo embi gy'obadde nayo, ey'obutabeera mwesigwa eri mukyala wo. Ekyo ky'Ajja okukola. Bwe kiri. Ajja kukuziyiza okwagala okuwasa mukazi wa bandi. Ekyo ddala bwe kiri.

Ekyo ky'Ali. Wa kukuleetera kutambulira mu bulamu obutukuvu. Eyo y'ensonga lwaki Omwoyo Omutukuvu Maanyi, "kukusobozesa kussa mutima gwo ku bintu ebya Waggulu," eyo Katonda gy'ayimirira ku. . .?. . .endowooza ya Kristo mu ggwe. Ebintu ebyo tosobola kubyewala kukusala mu maaso; naye bw'onaabikubako emmunye bw'oti, ojja kuggyayo amaaso go mu bwangu ddala. Ddala bwe kiri. Aliwo kukusobozesa kukola ekyo.

107 Ogamba nti, "Naye kinnemye okukola. Bannange, amazima kinnemye okukola." Weewaawo, ggwe nga ggwe *tosobola* kukikola.

Naye Omwoyo Omutukuvu yajja lw'ekyo. Ekyo kye Yajja okukola. Yajja asobole okukikuggyamu, wamu n'emize emibi egyo gyonna n'ebintu ebirala by'okola.

Okugeyanga, okweyawulayawula, nga bw'ogamba mbu, "Nze nnebaza Katonda, ndi Mumesodisiti, abo abatukuvu abeevulunga ebyabye tebinkwatako." Ekyo Omwoyo Omutukuvu yajja asobole okukikuggyamu.

108 "Nze ndi Mubaputisiti. Nze ndi Mupulesibeteriyani. Ssiyinza kugenda kwetaba mu kibinja ky'abo abatukuvu abeevulunga." Omwoyo Omutukuvu yajja asobole okukuggyamu obukakanyavu obwo bwonna. Ekyo kye Yajja okukola. Akunaaze mu Musaayi; akugolole akuggyemu amavuunya gonna. Ekyo kye kyamuleeta okukola.

Yajja asobole okukutereeza. Yagamba nti, "Okutereeza ebifo ebitali bisende abifuule bigolokofu." Ekyo kye kyamuleeta okukola; kubitereeza abifuule bigolokofu. "Okuseeteeza ebifo ebigulumivu; okuleetera ensozi zonna okulabika nga endiga ezirigita, n'ebikoola byonna okubirabisa nga ebikuba mu ngalo, gy'oli." [Ow'oluganda Branham akuba mu ngalo—Omuk.] Nga ebinyonyi owulira biyimba mu ngeri ya njawulo. Nga ebide by'essanyu bivuga. Nga tewali kya kwekwasa. Ekyo kye Yajja okukola. Ekyo ky'ekigendererwa kya Katonda okuweereza Omwoyo Omutukuvu, ggwe osobole okukola ebintu bino, otambulenga nga ogoberera Ye.

109 Kati ssaagala kubalumya, naye nnabagambye nti ndi wano mu bwesimbu obusingirayo ddala. Kati obutakosa nneewulira zammwe, njira ne njogerayo ekigambo nga kimu ne nkivaako

ne njogera ekirala; naye nga nkyali ku Mazima kwennyini, wabula nga nkakasa nti ensonga eyo ngirambululira ddala era ne ngiggusa mu ngeri etakosa nnyo nneewulira zammwe.

110 Naye njagala mbeeko ne kye mbagamba. Bayibuli bw'eba egamba nti kikyamu omukazi okusalako enviiri ze, gwe n'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu naye nga osalako enviiri zo, mba nneewuunya oba nga ddala omulina. Tonyiiga; bw'onyiiga, ekyo nakyo kiraga nti waliwo ensonga endala ekuvunaanibwa.

111 Bayibuli bw'egamba nti kikyamu omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja, ate mmwe ne mwambala zi woovolo zino n'empale empanvu ze mwambala ne mukunnumba mu nguudo, mmwe abakazi abakulu! Nnandigamba nti omwana omuwere ob'olyawo ta. . . ekintu, kubanga bazannya ne bato bannabwe abalenzi n'ebirala bwe bityo. Naye, mulabeeyo, mmwe—mmwe abakazi abakulu, ab'emyaka kkumi n'etaano, kkumi na mukaaga, kkumi na munaana, okutuukira ddala ku gya jjajja omukazi, n'okunnumba mu kkubo! Ate nga Bayibuli egamba nti, "Kya muzizo mu maaso ga Katonda," omukazi okwambala ebintu ebyo. Naye mmwe ne mugenda mu maaso, ne mubyambala, ne muva awo ne mugamba mbu mulina Omwoyo Omutukuvu? Ebiseera ebimu nneewuunya. Omwoyo Omutukuvu ajja kugondera Ekigambo kya Katonda mu buli nsonga.

Era n'omubuulizi ayimirira emabega w'ekituuti, nga talina kisa kimala kusobola kubuulira Mwoyo Mutukuvu, mbuusabuusa oba nga ye kennyini amulina. Ky'ekyo kyennyini! Kale, kati Omwoyo Omutukuvu ekyo kye kyamuleeta.

112 Ajja asobole okuwa omubuulizi embavu. Ajja asobole okuwa ekibiina obutukuvu. Ajja asobole okuluŋŋamya Ekkanisa mu nkola ennuŋŋamu. Ajja asobole okuleetawo obumu obw'Omwoyo. Ajja okutugatta awamu n'Amaanyi. Ajja okutugatta awamu mu kwagala, mu kwagalana kw'ab'oluganda.

Ssifaayo oba oli Mumesodisiti, oba oli Mubaputisiti, oba oli Mupulesibeteriyani, oba oli Muluzalaani, oba kyonna ky'oli, ffenna bwe tuba nga okuyita mu Mwoyo Omutukuvu omu twabatizibwa ne tuyingira mu Mubiri gumu, era ne tufuuka bitundu ku Mubiri gwa Yesu Kristo, tewali. . . tewali kiriwo kati, tewali kirijja; ka kubeere okulumwa enjala, ka kubeere okubulwa eky'okulya; tewali kintu kyonna kiyinza kutwawukanya ku kwagala kwa Katonda, okwagala kwa Kristo, "okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo," kubanga twazaalibwa Omwoyo We, era twanaazibwa mu Musaayi Gwe. Tuli kitonde kiggya. Ekyo Katonda kye yajja okukola. Ekyo kye kyaleeta Omwoyo Omutukuvu. Yee, ssebo. Ky'ekyo.

113 Kaakati, bannange, muntunuulire, mu maaso. Emikono mingi egyayimusiddwa, abaagambye baafuna Omwoyo

Omutukuvu; mukiraba, ddala, gyabadde mingi. Ha, kati ŋŋe—ŋŋenda kukomawo nate katono ku kino. Bino bikwatibwa ku lutambi. Naye tujja kweyongera okukisima akawungeezi k'olw'enkya.

Bw'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu, kyokka nga gukusinga olw'okumenya ebintu bino, awo mba nneewuunya kiki ddala ekikukulembera. Katonda talikukulembera nga akuwabya akujja ku Kigambo. Ajja kukukuumira ku Kigambo, kubanga ekyo ge mateeka ga Katonda Mwene, eri Ekkanisa Ye, eri abantu Be, eri abakyala, n'abaami.

114 "Naye," oyinza okuŋŋamba nti, "nze okukola *kino* oba *kiri* tekinkola kabi." Tekikukola kabi? Naye Ekigambo kyo kigamba nti ekintu ekyo kikukola bubi.

Era Omwoyo Omutukuvu bw'aba nga ali mu ggwe, Ajja kululuŋŋamya nga akuzza ku Kigambo. Tewajja kubaawo bya kwekwasa. Katonda takyusaamu wadde okuwa eby'okwekwasa. Ateekawo omutindo ggwe n'okutuukana n'omutindo ogwo. Ky'ekyo kyokka. Bwe kityo bwe kiri eri buli omu. Naawe olina kujja mu ngeri y'emu.

115 Peetero yagamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe; mubatizibwe, buli omu ku mmwe, mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, olwo munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu." Mukiraba? Bwe kityo bwe kiri. Ekyo ffenna tuteekwa okukituukiriza.

116 Kaakati, ssigenderera kubalumya; mbaagala nnyo. Naye, muganda wange, mwannyinaze, okimanyi, ne. . . nti nkimanyi bulungi nti nteekwa okuyimirira mu nnaku ez'oluvannyuma ku kuzuukira okwo, wamu n'abantu b'omulembe guno, nnyanukule ku lw'Ekigambo kino? Nga Omwoyo Omutukuvu akindaze, nange ne nkibuulira buli wamu wonna wonna, oliyimirira wa? Onoogenda otya mu maaso nga okola otyo? Tosobola kukikola, mukwano gwange. Togeza. Kati ekyo kikomye mbagirawo. Buli kikyamu kyonna ky'obadde okola, kikomye.

Ogamba nti, "Nnemeddwa okukivaako."

Ekyo kiraga nti mu ggwe tonnaba kufuna Kikuyinzisa-kukivaako. Kubanga Omwoyo Omutukuvu bw'ajja, Akuwa Amaanyi okuwangula ensi. Era bw'obeera. . . Muwulireeyo kye Yayogera. "Bw'oyagala ensi oba ebintu by'ensi, kiri lwa kuba okwagala kwa Katonda tekuli mu ggwe." Kaakati, tewaliiwo bya kwekwasa byonna. Akyogera kitangaavu bulungi ddala, era tulina okutuukana n'omutindo ogwo.

117 Kati mmanyi mulowooza nga nkisusizza nnyo. Naye kale nkisusizza naye ku lw'ensonga entuufu. Mukiraba? Muwulirize. Ekyo ddala kituufu. Kati jangu ofune Omwoyo Omutukuvu, muganda wange, mwannyinaze.

118 Tokkiriza matendekero gano ga njigiriza za buntu ge tulina wano kukugamba mbu, "Ha, ebyo byali bya dda."

Bw'Aba wa dda, kitegeeza ne Katonda naye wa dda. Era Katonda bw'abeera nga wa dda, awo nange ndi wa dda. Amiina. Njagala kubeera nga Ye. Lwaki? Kubanga Omwoyo We ali mu nze, andeetedde enjala n'ennyonta, nga mpita ebyo byonna ebikontana n'Ekigambo . . .

119 Abantu bwe bagamba mbu, "Tekirina kabi konna, o, omuntu okuzannyamu ku matatu okwesanyusaamu, oba n'azannyamukko ku zzaala n'afunayo ennusu nga emu oba bbiri. Tekirina kabi konna." Katonda ye agamba nti kikyamu.

120 "O, osobola okunywamukko ku kenge ne banno bwe mukolagana, n'otamiiramukko, obw'olumu."

Naye Katonda ye agamba nti, "Zimusanze."

121 "O," oyinza okuŋŋamba nti, "naye tekirina mutawaana, Ow'oluganda Branham. Nze—nze—nze nnina ensonga erimu eggumba lwaki nsalako enviiri zange. Nga omukazi, omanyi, n'abakazi abalala bonna bakikola." Sifaayo ku kiki abakazi abalala kye bakola. Abo si ky'eky'okulabirako kyo oba si be bakama bo. Bw'oba olina Omwoyo Omutukuvu mu ggwe, ojja kugoberera biragiro Bye nga tofuddeeyo ku biki abalala bye banaakwogerako.

122 "Naye, Ow'oluganda Branham, ebbugumu lingi nnyo, kye kinnyambaza obugoye *buno* bwe buti." Ggeyeena eyokya nnyo n'okusinga ebbugumu eryo ly'oyogerako, mwannyinaze. Ekyo leka nkikubuulire. Era—era togeza. Ekyo kijjukirenga.

123 Ate Omwoyo Omutukuvu lubeerera ajja kukuluŋŋamya akutwala eri Mazima, ate Amazima Ge kye Kigambo. "Ekigambo Kyange ge Mazima. Leka ekigambo kya buli muntu bubeere obulimba, naye Ekyange gabeere amazima."

Naye kati lowooza ku kubeera, "eky'omuzizo." Osobola okukirowoozaako?

124 Kino kigambo ekitawulikika bulungi omuweereza okukyogera, naye nnyingiddeko mu kaabuyonjo mu bifo eby'enjawulo awabaddenga . . . Nga kumpi, ojula n'okufulumayo, nga byonna bi . . . Nga bijjudde ebifaananyi ebikyafu ku bisenge. Muli ne nneebuuza nti, "Ddala abantu baaweebuuka ddi okutuuka ku kino?" Nga wali ekivundu ekitenkanika! Era buli lwe nnyingiddenga mu bifo bwe bityo, muli nneewunyizzanga nti, "Kino nga kivundu ekiteebeereka!" Nga . . . Nga ndi munda omwo, nga nkwata ne ku nnyindo zange *bwenti*, okusobola okunaaba mu ngalo. Nga ntya n'okutya nti, bwe nnaddamu ne nkwata ku munyolo gw'oluggi, kwandibaako obuwuka obuva ku ndwadde z'ekikaba n'ebintu ebiringa ebyo. Muli ne ŋŋamba nti, "Ha!"

125 Lumu, nnali nnyimiridde ku kisaawe ky'ennyonyi, ne mbaako ekimu ku bifo ebyo kye nnagendamu, manya eggaali y'omukka w'esimba, ne nnyingirako mu kimu ku bifo ebyo. Muli ne ŋŋamba nti, "Bannange, kino nga kissusse."

126 Ne wabaawo Ekintu ekyaŋŋamba nti "Bw'etyo ensi bw'ewunyira Katonda. Ya muzizo."

127 Mu nze ne ŋŋamba nti, kitegeeza buli lwe ndaba omukazi atambula mu luguudo, nga yenna bw'agenda amaanyuuka atyo, nga ayambadde ebyambalo by'abasajja, kitegeeza bw'atyo bw'alabika mu maaso ga Katonda. Kintu eky'omuzizo, kintu ekikyafu era ekiwunya ekivundu, mu maaso ga Katonda. Kyokka, nga omukazi y'omu oyo ajja kuva awo agende mu kkanisa ku Ssande, nga yenna yeetonyetonye n'eby'okwewunda.

N'omusajja ave awo agende, anywe omwenge, akuseekuuse mukyala we, alulunkanire ssente, akumpanye muliraanwa we, akole ebintu ebya buli ngeri, okusobola okufunayo ku kasente akasukka mu kaakolerera; akole ebintu bino byonna, azannye zzaala, afuuwe sigala, anywe omwenge, alimbe n'okulimba; bw'amala okukola ebyo byonna agende mu kkanisa awe obujulizi. Kya muzizo! Bugwenyufu! Eyo ye kkanisa etambulira ku magezi ag'obuntu.

128 Ojja kuŋŋamba, "Naye, nange nnina ekkanisa eyange gye nsabira." Weewaawo ogirina, era eyo mu kkanisa y'ewammwe balina okubaleka mufulumemukko, eddakiika kkumi na ttaano, abadiikoni bonna n'abalala bagende bafuuwemukko ku sigala, nga n'omusumba, kw'otadde, nga temunnaddayo munda kubeera na kitundu kya lukuŋŋaana kiddako. Nga ombuulira ebyo! Weeyawule ku buli kintu ekitali kirongoofu!

129 "Jaajaamya omubiri guno; Nange nnaaguzikiriza." Katonda yagamba Ajja kuguzikiriza. Era olwa leero, kkookolo, y'aviirako abantu ebitundu nga kyenda ku kikumi n'omusobyo okufa, nga bafa kkookolo ow'omu mumiro, ne kkookolo ow'amawuggwe, nga ava ku kufuuweeta sigala. "Jaajaamya omubiri guno; Nange nnaaguzikiriza." Naye eby'embi bonna boolekera ggeyeena, nga bwe bagenda beejeeguula mu ngeri eyo, naye tebakimanyi.

N'osanga omubuulizi nga ayimiridde mu kituuti alina ddiguli nnya nnambirira, okuva mu ttendekero, naye nga naye kennyini, afuuwa sigala. Leka mbeeko ne kye nkutegeeza, ow'oluganda. Omwoyo Omutukuvu yasindikibwa okuyitayo abasajja n'abakazi okuva mu kintu ekyo. Weeyawule!

Ekigambo *kkanisa* kitegeeza okubeera "ayawuliddwa." "Mweyawule mubaveemu," Bayibuli bw'egamba. "So temukomanga ku bintu byabwe ebitali birongoofu, Nange nnaabasembeza; era munaabeera baana ab'obulenzi n'ab'obuwala Gyendi, Nange nnaabeera Katonda wammwe." O, bannange! Ssigenderera kubeera mukakali, naye njogera nga

ŋŋenderera kuba mwesimbu era wa mazima. Yee, ssebo. O, nga kintu kya ntiisa nnyo!

130 Abasajja n'abakazi, wa we tuyimiridde leero? Tuli ludda wa? Leka tubikomye.

131 Luli ekiro, bwe nnali awo okumpi n'entebe ey'enkola ey'edda eyali awo mu kisenge, (kati nnina okumaliriza), entebe eyo etuulwamu abantu ababiri. Oluvannyuma lw'okubeera mu kusaba okumala ennaku nga ssatu oba nnya, nnatuuka mu mbeera, ne ntandika okulowooza, ebintu ebitali bimu ne ŋŋamba nti, "Ai Katonda," okutuusa lwe nnatuuka mu mbeera nga n'eky'okukola sikimanyi. Kye nnava ŋŋamba nti, "Ai Katonda wange, tutuuse ku nkomerero y'olugendo. Ate ndaba nga omulimu ngulagajjalidde. Nnyaniriziddwa okubaako ne gye ŋŋenda okubuulira, naye ne nneesanga nga ndi muyenjebufu, ne sisobola kugendayo." Mu kaseera ako ne nkubamu akafaananyi nga nnengera Mukama wange agenda atagala mu kizikiza emitala, n'atuuka n'okuba nti Yayenjebuka n'aba nga kizibu n'okusitula ekigere ekirala okugenda mu maaso, naye Teyali mu. . . Yayimirira ku lw'omukazi ow'omu kibuga Nayini, bwe yava awo n'ayimirira ku lw'akalenzi akaaleetebwa nga kafudde; okutuusa bwe Yeewaliriza n'agenda akwata ku kagaali kwe basitulira omulambo, n'akozesa otwanyi otutono twe yali Asigazza okusobola okuzuukiza akalenzi ako. "Naye, kati nze nva ku ki okuyenjebuka? Mutawaana ki ogundiko, Mukama? Nzuuno kati nneelowooza okuba nti, 'Kaakano, ŋŋenda nkaddiwa. N'obuvunaanyizibwa ssi—ssibusobola.'"

132 Waaliwo Musa, eyali aweereza Katonda y'omu yennyini gwe mpeereza, eyayimirira mu kiseera kye, okutuusa ku myaka kikumi mu abiri.

Waaliwo Kalebu, eyayimirira okutuusa ku myaka kyenda, nga akutte ekitala mu mukono gwe, naye n'agamba nti, "Yoswa yankwasa ekitala kino, emyaka amakumi ana egiyise." Ekyo we yakyogerera yali wa myaka kinaana. Naye n'agamba nti "Nkyali musajja mmekete nga bwe nnali mu kiseera kiri." Amiina.

Ne ŋŋamba nti "Ai Katonda wange, nsaasira."

133 Ne ŋŋamba nti, "Kati, labayo, lubeerera mbaddenga. . . " Ne nkwata mukyala wange (atudde emabega wali) ne mmukwata ku mukono, ne tugissa ku Bayibuli eno awamu ne ku Bayibuli ye, ne mmugamba nti "Mukwano mbaddenga nnyo n'endowooza enkyamu. Omwoyo Omutukuvu ansalira omusango munda yange." Ne mmugamba nti, "Ndowooza ku bukaamuje obwatondebwa erudda eri. Ndowooza ku kyabaawo eri Hattie Wright, wamu n'abalenzi abo abato. Ndowooza ku ekyo Katonda kye yakola, nga alaga nti Ye Katonda, asobola okutonda." Aleruuya!

Ne nzijukira nti, "Ekyo Yakiŋŋamba, emyaka mingi egiyise nti, 'Ssirikulekenga. Ssirikwabulira. Tewali muntu aliyinza okukweŋŋanga, ennaku zonna ez'obulamu bwo. Nja kubeera naawe. Era okuva ku kino eky'okukwata abantu ku mukono n'otegeera ebibakwatako, ekiseera kirituuka lw'olitegeera n'ebyama by'omu mutima. Ekyo bwe kirimala okubaawo, kiryeyongera okulinnya waggulu okusukka awo.' Omwaka ogwaddako, ne kutuukira ddala nga bwe kyayogerwa, okwetooloola ensi yonna. Era kati, buubuno obuweereza obulala obw'ekitalo, obusukkuluma ennyo ku buli bwe bwali."

Ne mmugamba nti "Mukwano, nkwata omukono gwo. Olw'obuyambi bwa Katonda n'olwekisa kya Katonda, toŋŋanyanga okuddamu okuba n'endowooza enkyamu. Leka ŋŋende mu nkuŋŋaana zino ez'okudda obuggya kuno kwe tugenda okubeera nakwo wano mbuulire nga bwe sibuulirangako. Leka ŋŋende wano, okusooka nsooke nneetukuze, nsobole okutemera abantu ekkubo; nga ebibi byange, n'obulagajjavu bwange byonna biri wansi wa Musaayi, n'ensobi zange zonna nga ziri wansi wa Musaayi, nsobole okuyimirira mbagambe nti, 'Bantu mmwe mungoberere.'" Bwe kiri.

Nkyawa okulaba omuntu agamba munne nti, "Genda okole kino." Nnyumirwa nnyo okulaba omuntu akulemberamu n'alaga engeri ey'okukikolamu. Yee, ssebo.

134 Lumu wano mu biseera ebyayita, waliwo awaakwata omuliro mu kibuga kino, ekizimbe kya Kampuni y'Amafuta eya Pfau kyakwata omuliro. Mu biseera ebyo emmanga eyo baalinayo Ekitongole kya Jeffersonville eky'Abazinyamooto. Kati mukwano gwange, omusajja omulungi, bambi yali teyamanyiira kuzikiza muliro gwenkana awo, kale bambi yatambulanga adda eno n'eri, nga bw'agamba nti, "Muyiweeko ku mazzi erudda *eno*, bavubuka. Muyiweeko ku mazzi erudda *eno*."

Ne zireeta abazinyamooto okuva erudda eno mu Clarksville, nga ekimotoka bwe kikuba eŋŋombe nti "dingi, dingi, dingi, dingi," ne bajja ku supiidi empitirivu okukamala. N'agamba nti, omukulu w'abazinyamooto n'akibuukako n'agamba nti, "Muyiweeko amazzi erudda *wano* eno. *Lino* eddiirisa mulikoone muliggyemu. Muyiweeyo amazzi munda *eyo*."

135 Naye ebissukka w'omugga, ne wavaayo abasajja abaakuguka mu kuzikiza omuliro okuva mu Louisville. Ekimotoka ekyo ekinene n'eddala eryakiriko byali tebinnaba na kubugumya kifo nga akulira abazinyamooto eddala yaliwalampye dda ali waggulu eri gye lisemba. Eddaala lyayambusibwa, ali waggulu gye lisemba. Aba tannatuuka na bulungi ku ddirisa n'akasuka akabazzi ke ne kayita mu

ddirisa n'aduumira nti, "Bavubuka, mujje!" Ky'ekyo. Omuliro mu ddakiika ntono ddala gwali guzikidde.

Si kuwoza, "Muyiweeko amazzi erudda *wano*. Muyiweeko amazzi erudda *wali*." Ekyo kikuleetera okulowooza ku babuulizi bano abayivu.

136 Mungoberere! Tugende! Mmanyi nga Ye Mazima. Ndozezzaako n'okulaba ne ndaba. Ekitiibwa! Omwoyo Omutukuvu mutuufu. Katonda mulungi. Temudda mu bya kugezaako *wano* na kugezaako *wali;* leka tuyingire munda mu Ye! Ali wano. Wammwe. Katonda Amaanyi Ge yagawa Kkanisa Ye. Tobeera mu bya muyiweeko amazzi erudda *wano*, muyiweeko amazzi erudda eri; tolibaako na ky'okola yadde ekimu bwe kiti. Kulemberamu! Amiina. Uh! Wuu! (Ne bye nnategese ssikyabiraba bulungi.)

137 Amiina! Tugenda kukola ki? Buli muntu atudde wano alina ky'ajjudde.

Ekyo bwe nkimala nga mmaliriza; kyandinneetagisa okumaliriza, oluvannyuma lw'ekyo.

Olina ky'ojjudde. Tosobola kutuula awo nga tolina ky'ojjudde. Olina obulamu mu ggwe. Obulamu obwo bwe bukufuga, ate obulamu obwo bulina omwoyo ogubufuga.

Kati, oyinza okuba nga ggwe ojjudde ensi, nga gwe oyagala nsi na bintu bya nsi. Katonda akukwatirwe ekisa.

Oyinza okuba nga ggwe ojjude bikwate bya njigiriza okuva mu kkanisa emu, nga olina essaala z'osoma, nga olowooza ze zigenda okukusabira ew'omuntu omu eyafa, oba—oba okubaako engeri y'akabonero k'omusaalaba k'okuba mu kyenyi kyo. Katonda akukwatirwe ekisa.

138 Ate ggwe oyinza okuba ojjudde ddiini, ate ekyo kya bulabe nnyo. Bwe kiri. Bwe kiri. Bayibuli egamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma baliba bannaddiini nnyo nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi gaakwo: abo bwe batyo obakubanga amabega."

Bw'oba ojjudde ddiini, olabye ennaku; nga ggwe kyokka ky'olina y'eddiini, kye kyokka. Bw'oba ojjudde bikwate bya njigiriza, ate gwe ne ky'oyogerako tokimanyi. Bw'oba ojjudde ensi, ate ggwe oli muzibe.

139 Naye ate, era, osobola okubeera nga ojjudde Mwoyo Mutukuvu. Amiina. Nsuubira gw'ojjudde. Era, bw'obeera nga si gw'ojjudde, nsuubira onajjula. Kaakati bw'obeera nga ojjude Mwoyo Mutukuvu, obeera olina ki? Obeera olina Amaanyi. Obeera olina okwagala. Obeera olina emirembe. "Emirembe gyange Ngibawa; si nga ensi bw'ewa, Nze bwe mbawa." Olina emirembe. Wateekebwako envumbo. Oliko akabonero akakwawula. Amiina. Wafuna ekiwummulo. Olina essanyu

eritalojjeka, era erijjudde ekitiibwa. Wasuula ennanga. Ha, bannange! Ekyo ky'obeera, nga olina Omwoyo Omutukuvu. Olina . . . Bw'oba ojjudde Omwoyo Omutukuvu, "Obeera wasomoka n'ova mu kufa n'odda mu Bulamu," nga olindirira kuzuukira kwa bonna ku lunaku olw'oluvannyuma.

140 Mu nsi egenda okujja, okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo, n'oyo eyamulaba nga ajjira mu kitiibwa n'obuyinza n'agamba nti, "Ennyanja eriwaayo abafu abagirimu." "Emibiri egivunda egy'abo abeebakira mu Ye giri . . . "

"Abeebakira mu Ye." Oyingira otya mu Ye? "Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu."

"Emibiri egivunda egy'abo abeebakira mu Ye girikyusibwa ne giba nga Omubiri Gwe ogw'ekitiibwa, mw'Asobolera okuteeka ebintu byonna wansi We."

"Ne mpulira Eddoboozi okuva mu Ggulu," Yokaana bwe yagamba, "ne liŋŋamba nti, 'Wandiika nti, "Balina omukisa abafu abafiira mu Mukama waffe . . . "'" Onaaguyingiramu otya? "Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." "'". . . abafiira mu Mukama waffe okuva kaakano; kubanga bawummula okuva mu kutegana kwabwe; n'ebikolwa byabwe bigenda nabo."'" Hum!

Eyo y'ensonga lwaki Yaweereza Omwoyo Omutukuvu. Oo, nga bukakafu obw'omukisa, okuba nti Yesu wange! Ndi mu Ye, era Naye ali mu nze; Kitaffe ali mu Ye, Naye ali mu Kitaffe; ne Kitaffe ali mu nze, era nange ndi mu Ye.

. . . Yesu wange!
O, nga kulegako okulungi okw'ekitiibwa kya Katonda!
Ndi musika wa bulokozi, nnagulibwa Katonda,
Nnazaalibwa Omwoyo We, bwe nnanaazibwa mu Musaayi Gwe.

Amiina. Ekyo siyinza kukiwaanyisaamu na kintu kirala kyonna. Oo, bannange!

Amayinja amatwakaavu gonna ne alimansi, wamu ne feeza ne zzaabu,
Amaterekero Ge gajjudde, alina obugagga obutayogerekeka.

Kubanga ndi mwana wa Kabaka!
Ndi mwana wa Kabaka!
Nga Yesu ye Mulokozi wange,
Kinfuula omwana wa Kabaka!

141 Amiina era amiina. Ssiyinza kukiwaanyisaamu na kintu kirala kyonna. Ssiyinza kukiwaanyisaamu na kintu kirala kyonna. Nsigazzaayo ebirala nga bibiri oba bisatu Ebyawa- . . .

Kaakati, Ekyawandiikibwa ekirala kiikino. Kati—kati bw'ojjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu, ebyo by'ebintu by'obeera

olina. Kati olwo obeera kiki, eri ensi? Obeera mugwira. Obudde mmanyi buyise, naye tebusobola kuyita nnyo kisusse kutugaana kwogera ku kino. Omugwira! Oo!

> Wano tuliwo nga bagenyi era abatambuze,
> Nga tunoonya Ekibuga ekigenda okujja,
> Eryato ly'obulamu linaatera okutuuka,
> Okukuŋŋaanya Amayinja Ge ag'omuwendo okugatwala Eka.

142 Mpulira amazzi nga gayira ku Mugga Ohio emitala eri, bwe nnali nkyali mubuulizi muto, wa myaka nga abiri mu ebiri, bwe nnali eyo nga nduyimba. Ne mpulira, bwe nnatunula waggulu wange, ne mpulira Eddoboozi, nga liŋŋamba nti, "Tunula waggulu." Ne wajja Ekitangaala ekyo ekinene nga kikka okuva waggulu, ne kikka waggulu wange, eddoboozi ne lyogera nti, "Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okukulembera okujja kwa Kristo okw'omulundi ogwasooka, ogenda kubeera n'Obubaka obugenda okukulembera Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'okubiri."

O, nnali nnyinza ntya okukikkiriza? Naye era kyabaawo. Era akawungeezi kano waliwo omuliro ogw'okudda obuggya ogwaka okwetooloola ebitundu ebyetoolodde wano ne mu nsi yonna. Ekkanisa ya Katonda enkulu eyanunulibwa Yeesitula n'eva mu kifo ekyo we yali, ne watandika okubaawo enkuŋŋaana gaggadde ez'okuwonyezebwa, n'obubonero, n'ebyewuunyisa, wamu n'ebyamagero nga byoleka Okujja.

143 Oli mugwira, era oli mugenyi. Okola ebintu ebitali bya bulijjo, ebyawukana ku ebyo bye wali okola. Tokyeyisa nga bwe weeyisanga luli. Abantu . . . Omwoyo Omutukuvu, bw'Akukkako, n'ojjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu, ebintu by'ensi obyesamba n'obyesalako. Weesalako ebintu ebyo ebyandikuziyizza okugenda mu maaso. Obyesalako. Olwo n'ofuuka e—ekitonde ekyeyisa mu ngeri etali ya bulijjo, n'ofuuka akabaata akalabika obubi, gye bali, n'ofuuka akawungu kali akaayalulibwa mu kisu ky'enkoko; ke nnabuulirako mu bubaka, *Awo Empungu Bw'Esansulula Ekisu Kyayo*. Gye bali, obeera kitonde ekiri awo ekitategeerekeka.

Naye, ha, bannange, obeera otambula weeyongera mu maaso mu Luguudo lwa Kabaka olwo olunene! Amiina. Oo, Luguudo olunene olugenda mu Ggulu. Era ntambulira mu Luguudo lwa Kabaka olwo olunene.

Bajja kugamba, "Laba omutukuvu yeevulunga oyo, laba akabaata ako akalabika obubi. Oyo mubuulizi mu bali abatukuvu abeevulunga."

144 Leero waliwo omubuulizi Omumesodisiti omututumufu eyagambye omusajja omu, mu Louisville, nti, "Eky'amazima Ow'oluganda Billy nnandyagadde okumuyambako, naye omanyi omuwendo gwe nnina okusasula okukikola? Nnina okweteeka

mu katyabaga k'okukolokotebwa n'okwegerwako obubi ku lulwe." Teweetaaga kweteeka mu katyabaga ka kukolokotebwa na kwegerwako bubi ku lwange.

Yateeka obulamu Bwe mu katyabaga ako ku lwange. Amiina!. . .?. . .Nze nkola kimu kyokka kutambulira ku Luguudo lwa Kabaka olwo olunene, kye kyokka. Ha, bannange! Nnajjuzibwa n'Omwoyo We! Nnazaalibwa Omwoyo We! Nnanaazibwa mu Musaayi Gwe! Aleruuya! Ndi musanyufu!

145 Kati n'ekintu ekirala, ddala, kiki ekikuleetera okweyisa otyo? Obeera okyali muntu nga abalala, naye kiki ekikuleetera okweyisa otyo? Kiri lwakuba nti ggwe wava, gwe, Omwoyo akulimu yava waggulu. Abeera Katonda nga y'ali mu ggwe.

146 Bwe nnagendako e Rooma, nnakizuula nti, buli muntu, yalina omwoyo gw'Abaruumi. Bwe nnagenda e Buyonaani, bonna baalina omwoyo gw'Abayonaani. Bwe nnagenda e Bungereza; bonna baalina omwoyo gw'Abangereza. Bw'ogenda mu bifo eby'enjawulo, okiraba nti. . . Ate n'ojja osanga omwoyo gw'Abamerika; ate ogwo mubi okukamala.

147 Bwe nnagendako mu limbo ya San Angelo gye baazikanga abafu esangibwa e Rooma, baali baatimbawo akapande akaali kasoma nti, "Abakazi Abamerika, bambi tubeegayiridde, mwambale engoye, obutaweebuula bafu." Omwoyo gw'Abamerika.

Ggwe beetegereze bwe bava ku nnyonyi, nga bambadde obugoye obwo obukunnukidde, engeri buli muntu gy'akyuka okwerolera, Nnalulungi wa Amerika abeera atuuse. Ogwo mwoyo gw'Abamerika. Osobola okumanya gy'ava; okusinziira ku nnyambala ye, nkugambye, yenna abeera atambula bw'asika akabwa buno bu pudo. Bwe kiri. Oo, weewaawo, abeera. . . Oyo, ye Mumerika, ye Nnalulungi wa Amerika; nga yenna atambula bw'a, nga bwe mumanyi, nga akunnumba bw'atyo. Lwaki? Aliko omwoyo gw'Abamerika. Naye Yesu yagamba, bwe Yawa obujulizi ku nsonga eyo ku olwo, Yagamba nti, "Mmwe muli ba wano ku nsi. Nze nva Waggulu."

Kati naawe bw'oba olina Omwoyo wa Kristo mu ggwe, naawe wava Waggulu, era wano ku nsi obeera mugwira.

148 Naye mu ggwe obeeramu n'obutonde bw'ekifo gy'osibuka. Ekyo kye ngezaako okugamba. Omuluumi bw'anajja wano, ojja kumulaba nga atakula omutwe gwe; n'Omugirimaani singa ajja wano; n'Omumerika bw'anaagenda eri naye bajja kumutegeera. Lwaki? Kubanga mu ggwe obeeramu n'omwoyo gw'eggwanga gy'osibuka.

Ekyo kye kituleetera okuba nga twawukanira ddala ku nsi. Wava Waggulu. Eyo gye wazaalibwa. Oli—oli munnansi kuva mu Bwakabaka bulala. Mukikkiriza? Ekyo ky'ekigendererwa ky'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu, kukufuula munnansi wa Bwakabaka bwa Katonda.

149 Kaakati, bw'obeera munnansi w'Obwakababaka bwa Katonda, Omwoyo Omutukuvu akuleetera kweyisa mu ngeri ki? Akuleetera kweyisa nga Katonda bw'akola mu Bwakababaka Bwe. Kaakati, Katonda akola ki mu Bwakababaka Bwe? Waliyo butukuvu, butuukirivu, birowoozo ebirongoofu, endowooza ennongoofu; Amaanyi n'okwagala, okugenda eri abaabula, okuwonya abalwadde, okukola ebyamagero, okukola ebintu eby'ekitalo. Naye, eri ensi bakulaba nga mulalu, era bagamba nti, "Abantu abo batabufu ba mitwe." Mukiraba? Naye ggwe obeera oli munnansi wa Bwakababaka.

150 Ekyawandiikibwa ekirala kimu, bwe muba mwandyagadde okukiwandiika, Yokaana 12:24. Leka nkibanokolere mangu nnyo. Yesu yagamba nti:

> . . . *empeke y'eŋŋaano* bw'egwa *mu ttaka* . . . bw'etafa, tesobola kuvaamu bulamu bulala.

Kaakati, mulabeeyo, ensonga emu nga mmaliriza. Era kati, kino mukijjukire, kikulu nnyo ddala . . . Kati, eri mmwe bantu mmwe, kikulu nnyo ddala okusukkuluma ebirala byonna bye weetaaga era kikwetaagisa, era kikukakatako era kya buwaze, ggwe okufuna Omwoyo Omutukuvu kati. Kubanga, bw'otamufuna, toyinza kujja mu kuzuukira. Kaakati mwekkaanye. Katonda tasobola kumenya mateeka Ge. Ekyo tukimanyi. Amateeka Ge agagoberera.

151 Kati, e—empeke y'eŋŋaano, oba kasooli, leka tukozese ekyo, nga Yesu bwe yagamba awo. Weewaawo kimanyiddwa nti, e—empeke, mu Bayibuli, mbadde nnaakakisomako ne leero, kitegeeza ensigo za falasiki oba ekika ekirala kyonna eky'ensigo, naye, eŋŋaano, ssayiri, kasooli, oba ekirala kyonna, byonna biyitibwa mpeke. Naye empeke y'eŋŋaano bw'egwa mu ttaka, kati, waliwo . . . Ffenna abali wano kino twali tukirabyeko, era tumanyi nga kibaawo. Empeke y'eŋŋaano, oba empeke ya kasooli, esobola okubeera nga erabika bulungi ddala, n'ogitwala n'ogiziika mu ttaka, naye empeke eyo bw'e . . .

Empeke eyo mu yo ebaamu obulamu obweyongera mu maaso. Leero ejja kuziikibwa mu ttaka, ekomerewo mu kikolo; eddemu efuuke empeke nate era, eddemu etutunukeyo mu ttaka; era eddemu efuuke empeke. Kweggamba bulamu obubeera bweyongera mu maaso.

Empeke eyo mu yo bw'etabaamu kaweke ka bulamu, k'ennyirire okwenkana wa, terisobola kumeruka kuva mu ttaka. Ejja kuziikibwa mu ttaka evunde, bikome awo. Ebimu ku bitundu ebikola empeke eyo, bisobola okukozesebwa nga ebigimusa n'okweyambisibwa ebintu ebirala ebiri mu ttaka omwo. Naye ku kikwatagana n'okuddamu okumeruka, empeke eyo teriddamu kumeruka okuggyako nga mu yo yalimu obulamu obwo obugenda bweyongerayo mu maaso. Ekyo buli omu akimanyi. Tosobola kugimerusa k'okole otya.

152 Wasobola okubaawo abantu babiri, nga omu ku bo afaananira ddala, nga bombi bafaanagana. Omu ku bo asobola okuba nga muntu mulungi, asobola okukola emirimu emirungi, asobola okukola ebintu ebitali bimu; naye okuggyako nga omuntu oyo, alina Obulamu Obutaggwaawo munda mu ye, mu kuzuukira talizuukira. Tasobola kuzuukira; mu ye taliimu kintu kyonna kya kuzuukiza. Mu ye taliimu kintu kyonna kya kumuzuukiza, mu ye temuli Bulamu. N'olwekyo, okiraba, muganda wange omwagalwa, naawe mwannyinaze omwagalwa, okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri, tewali ngeri yonna gy'ayinza kukomawo mu Bwakabaka buno. Tasobola. "Empeke y'Eŋŋaano eno bw'etegwa mu ttaka n'efa." Yali yeeyogerako. Naye Ye yalina, teyalina bubeezi bulamu bugenda bweyongerayo mu maaso, wabula Yalina Obulamu Obutaggwaawo; era nga obwo bwe Bulamu bwe yakuwa Ye, naawe osobole okubeera n'Obulamu bwe bumu.

153 Kati, bw'obeera obubeezi n'obulamu nga omuntu obuntu, obukusobozesa okwetala eno n'eri nga bw'olookeera, "Oyo atambulira mu binyumu mufu newankubadde nga akyali mulamu," tosobola kuzuukira. Oyinza okuba nga ggwe muwala asinga okwettanirwa mu ssomero, oyinza okuba nga gwe muwala asinga okwettanirwa mu muzannyo gwa kaadi mu kibiina kyammwe, oyinza okuba nga ggwe mukazi asingayo okwambala obulungi mu ggwanga lyonna, oyinza okuba nga ggwe asingayo obubalagavu mu bonna, oyinza okuba nga ggwe asingayo okuba n'omubiri ogusikiriza mu bonna, oyinza okuba nga eri balo oli kyamuwendo ekisingayo, oyinza okuba ebintu bino byonna, ate nga, tebirina kabi konna, naye, Mwannyinaze, okuggyako nga olina Omwoyo Omutukuvu mu ggwe, nga bwe Bulamu Obutaggwaawo, bwe tulituuka ku nkomerero y'olugendo luno ebibyo biriba bikomye.

Naye ssifaayo oba olabika otya oba bino biri bitya mu bulamu bwo, oba wettanirwa oba nedda, oba olabika bulungi oba tolabika bulungi, bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo, emitala *Eri* olibeera mulamu emirembe n'emirembe.

154 Omwezi n'emunnyeenye bwe biriba bivuddewo, ensi bw'erikaaba amaziga gaayo ne gakulukutira mu nsozi ne mu malungu, nga buli kimu ky'ebadde nakyo, nga tekyakirina, nga byonna biweddewo, nga etagala nga omutamiivu akomawo eka ekiro, emunnyeenye bwe zirigaana okwaka, ne zigwa okuva mu ggulu, n'omwezi bwe gufuuka omusaayi, ne—n'enjuba n'ekwatibwa ensonyi n'ekweka obwenyi bwayo, bwe biriraba Omwana w'omuntu nga Ajja, oliyakaayakanira mu butuukirivu bwa Yesu Kristo, oveeyo mu ntaana nga omuwala omuto, alabika obulungi, okutwala omwami wo, mubeere balamu emirembe n'emirembe, n'emirembe n'emirembe n'emirembe n'emirembe, n'okuyita mu mirembe Egitaggwaawo gyonna oliba

okyali mulamu. Ekyo ky'ekigendererwa ky'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu.

Bw'oba owulira okusikibwa munda mu mutima gwo ka kubeere okusemberayo ddala obutono, tomwesamba.

155 Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Ye Katonda mu ggwe. Lwaki Yaweebwa? Yaweebwa okusobola okwongerayo mu maaso emirimu Gye mu bantu Be; okugatta awamu Ekkanisa Ye, okusitula Ekkanisa ey'omu mulembe guno okubaako w'agituusa, awasukka ku awo Abaluzalaani, Abamesodisiti, n'Abapentekoote we baali, etuuke ku mutendera ogw'okutongozebwa era etuuke mu kisa eky'Okukkwakkulibwa. Kibeere nti, ekitundu kino eky'Ekkanisa, Omwoyo bw'alitambulamu n'ayingira mu Kkanisa eno, kirizuukiza; era kirijjayo, kirijjayo abanunule bonna abaali bakomye ku Mwoyo oyo.

Abaluzaalani abo abaayimirira mu mulembe gwabwe n'ekitangaala kyonna kye baalina, mu kuggyibwako omusango; Abamesodisiti abo abeeerindiggulanga ennume z'ebigwo, ne batuuka n'okubayiira amazzi mu maaso, olw'Omwoyo okubakkangako okuyita mu kutukuzibwa; Abapentekoote abo, abaatambulatambulanga ku nguudo nga bwe badda eno n'eri ne babayita ebintu nga "be baasala akanyata," ne, oo, "abajoboja," ne "aboogera mu nnimi z'embaata," ne byonna bye baabayita; bonna baliyimirira mu butuukirivu, mu maaso ga Katonda ku Lunaku luli, mu buliwo ddala nga Bayibuli eno bw'eri wano. Bwe muba munzikiriza okuba nti ndi muweereza . . . Mumpita nnabbi We; ekyo si nze akyeyita. Naye, muwulirize, mbategeeza mu Linnya Lya Mukama waffe. Abo abali mu Kristo Katonda b'alireeta wamu ne Yesu mu Kujja Kwe, mu kuzuukira, era abo bokka abali mu Kristo.

156 Tuyingira tutya mu Kristo, ab'emikwano?

"Okuyita mu kikwate ky'ekimu eky'enzikiriza ffenna tuggatibwa wamu"? Nedda.

"Okuyita mu kukwatibwako mu ngalo okumu ffenna tuwalulwa ne tuyingizibwa munda"? Nedda.

"Okuyita mu mazzi ge gamu ffenna tubatizibwa okuyingira munda"? Nedda.

Oba, "Ffenna tuyingizibwamu kuyita mu kibiina kimu eky'eddiini"? Nedda.

Wabula, "Ku . . ." Abakkolinso Ekisooka 12:13, "Ku bw'Omwoyo omu," Omwoyo Omutukuvu, Omwoyo wa Katonda, "fenna wamu . . ." Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abaluzalaani, Abapulesibeteriyani, "Mutambulirire mu Musana, nga Ye bw'ali Omusana, ffenna tulina okussa ekimu buli omu ne munne, era Omusaayi gwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, gutulongoosa okuva eri obutali butuukirivu bwonna." "Ku bw'Omwoyo

omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu, era ne tufuulibwa abagabana ku kisa Kye."

157 Tosobola kugenda mu kusalirwa Musango. "Awulira Ebigambo Byange n'akkiriza." Tewali muntu asobola kukkiriza okutuusa nga afunye Omwoyo Omutukuvu. "N'akkiriza Oyo eyantuma," Omwoyo Omutukuvu bw'amala okujulira ku kuzuukira Kwe. "Alina Obulamu Obutaggwaawo era talijja mu musango, naye aba asomose okuva mu kufa okudda mu Bulamu." Kitegeeza ki ekyo? Toliyimirira kusalirwa Musango. Toliyimirira ku Ntebe Enjeru kusalirwa musango.

Omusango gwo gukusalirwa okyali wano. Omusango gwo gwakuggyibwako bwe gwakwejjeerezebwa bwe weesowolayo n'ogamba nti, "Sirina kalungi konna, n'okuyigirizibwa kwange tekuliimu kalungi konna. Mukama, jangu munda mu nze, onneddize era onkulembere, ayi Mukama. Ssifaayo ku kiki ensi eno enzoole ky'eyogera. Nkulembera, ayi Mukama n'Omwoyo Wo." Awo obeera weesalidde omusango. Weesalire omusango obalibwe nga omusirusiru ku lwa Kristo, naye, mu butuukirivu Bwe, ku Lunaku luli tuliyimirira nga twambadde obutafa mu kikula Kye.

158 Engeri eri emu yokka. Ngeri ki? "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Olwo bw'obeera mu Mubiri ogwo, Omubiri ogwo gwo gwamala dda okusalirwa omusango, era wamukkiriza nga omutango ogwawebwaayo ku lw'ebibi byo.

Oyinza okuŋŋamba nti "Ekyo nnakikola, Ow'oluganda Branham."

Kaakati, Omwoyo Omutukuvu bw'aba yakomawo n'akuwa envumbo nga akabonero akakwawula, kati Omwoyo oyo akuyingiza munda mu Mubiri gwa Kristo. Wakyuka n'ova ku ludda luli olulala, era kati oli kitonde kiggya mu Kristo Yesu. "Wasomoka n'ova mu kufa n'oyingira mu Bulamu. Ebintu eby'edda byaggwaawo, era kati oli mupya mu Kristo!" Amiina!

159 Oo, nkwegayiridde, leka nkukkirizise okukikola, muganda wange oba mwannyinaze Omukristaayo. Tokkiriza kudda buggya kuno kukuyitako. Kikukakatako okufuna Omwoyo Omutukuvu. Ye kiki? Ye Mwoyo wa Katonda. Yakuweebwa kukola ki? Kukukulembera, kukuluŋŋamya, kukujjuza, kukutukuza, kukuyitayo, akuyingize munda mu Kkanisa.

Ekkanisa kye kiki, ekigambo *kkanisa* kitegeeza ki? "Abo abayitiddwaayo, abaawuliddwa." Oo, ekyo nga nsobola okukiggyamu eky'okuyigirizaako mu kaseera kano kennyini! "Abo abayitiddwaayo, abaawuliddwa," abagwira, abaawuddwa ku nsi, ne bafuuka abatambuze era abagenyi, nga baatula nti wano ku nsi tetulinaawo kibuga kye twegomba kubeeramu. O, bannange!

160 Nga Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo bwe baatambulanga, nga basula mu zi weema eyo mu nsi gye baatambuliranga. Nga baatula nti bagenyi era batambuze, ezzadde ly'obusika, obusika obw'omu kiseera ekyo; kitaabwe, omusika. Ffe zzadde lyabwe. "Era baali banoonya Ekibuga nga Omuzimbi Waakyo era Omukozi waakyo ye Katonda." Amiina. Baabeeranga mu kunoonya.

161 Ne, leero, ezzadde lyabwe likyanoonya Ekibuga ekigenda okujja, nga bagamba nti, "Ssaagala kutwalirizibwa nsi eno. Ssaagala kuba na kakwate konna na nsi eno. Kye njagala, nnoonya Ekibuga ekyazimbibwa eky'enjuuyi ennya ez'enkanankana. Nnoonya Ekibuga ekirimu Obulamu Obutaggwaawo, eyo enjuba gy'etagwa mu nnyanga, awatalibeera kukaddiwa, awatalibeera kimuli kiddugavu n'ekimu ku munyolo gw'oluggi, newankubadde amalaalo ku kasozi. Nnoonya Ekibuga ekyo, nga Omuzimbi Waakyo era Omukozi waakyo ye Katonda."

162 Waliwo engeri emu yokka ey'okukizuula. "Waaliwo Ejjinja eryatemwa okuva ku lusozi, awataali ngalo, ne liyiringita ne ligwa ku nsi ne ligibetenta, n'efuuka nga eŋŋaano... manya nga ebisusunku ku gguuliro." Leka Ejjinja eryo, Kristo Yesu; Ejjinja ensi lye yeesittalako, Ejjinja ery'okwesittalako, Ejjinja erisekererwa, ekyesittaza eri ekkanisa; wabula nga Jjinja ery'omuwendo era eririmu amaanyi agasikiriza eri omukkiriza, Jjinja eriwa obukakafu, Jjinja eriwa ekiwummulo. O, bannange!

Okuwummula! Nkimanyi bulungi nti nnasomoka ne nva mu kufa ne nzira mu Bulamu. Emmeeme yange yawummula. Oo! "Mujje gye Ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, Nange nnaabawa ekiwummulo eri emmeeme zammwe." "A—akabonero ak'okwogerwako obubi," bw'atyo nna—nnabbi bwe yagamba Malyamu. Ajja kubeera kabonero akakwawula, mazima ddala, ajja kubeera kabonero. Naye era Ajja kubeera bukakafu. Ajja kubeera kwagala. Ajja kubeera kumatizibwa. Ajja kubeera ekintu kw'okakasiza nti wasomoka n'ova mu kufa n'oyingira mu Bulamu.

163 Muganda wange, mwannyinaze; nga muganda wo, era nga omuweereza wo mu Kristo, nzikiriza nkukkirizise, n'omutima gwange gwonna. Kino tokiganya okukuyita ku mutwe, oba okukuyita ku bbali, yadde okukuyita wansi. Funa Omwoyo Omutukuvu mu mutima gwo, naawe onoobeera omuntu omusanyufu ku nsi.

Sikusuubiza nti ogenda kufuna obukadde bwa ddoola. Nedda, ssebo. Ow'oluganda Leo, ebyo ndowooza babisuubizza nnyo abantu ensangi zino mbu ogenda kufuna, "obukadde bwa ddoola," n'ebintu ebitali bimu abantu ab'enjawulo bye bazzenga babasuubiza. "Ssinga onaafuuka Omukristaayo, ojja

kufuna obukadde bwa ddoola era ojja kufuuka nnagagga." Sirina n'ekimu ku ebyo kye nkusuubiza kufuna.

Naye kino kye nkusuubiza, era ky'ekintu kyokka kye nsobola okukusuubiza bwe: bulokozi Bwe. Ekisa Kye kimala mu buli kugezesebwa okwa buli ngeri yonna. Abantu abaaliwo ku Pentekoote, ne bye baalina byennyini nabyo baali tebaabyagala. Kati nga ova awo nga oyogera ku bannaggaga? Ne bye baalina byennyini nabyo baali tebaabyagala, Mwannyinaze Angie.

164 Nnandyagadde okukuwulira ggwe ne Gertie nga muyimba, olumu ku nnaku zino (Ali ludda wa ye?), oluyimba olwo olugamba nti *Wiiki Ey'Okudda Eka,* olumu ku nnaku zino. Bangi ku bo bagenze basomoka ensalo okuva mu kiseera ekyo. O, bannange!

Tebaasaba kufuna bintu bya maanyi. Tebaasaba kufuna ssente. Kubanga, Peetero yagamba nti, "Feeza ne zzaabu sibirina, naye kye nnina kye nkuwa."

Nange ekyo kye mbagamba ekiro kya leero, ab'emikwano. Essanyu, okwagala, obukakafu, bye nnina ebya Kristo n'okuzuukira Kwe, ebyo bye nnina, nange bye mbawa; bye mbawa, nga abaana ba Katonda.

N'olwekyo jangu era osigale ku musaalaba Katonda bw'aba nga yakuyita, ate togeza n'ovaawo. Bw'onajja enkya akawungeezi, jangu nga omaliridde okuyingira wano osigalewo okutuusa nga kiwedde, oba jangu naffe tujja kukussaako emikono tukusabire. Ogende . . . Eyo y'engeri gye kyakolebwamu mu Bayibuli, baabassangako emikono ne babasabira okufuna Omwoyo Omutukuvu. Bwe tunaamala tujja, oddeyo ewuwo . . . Bw'onaayagala okusigalawo, bw'onaayagala okusigalawo ekiro kyonna, oli wa ddembe okusigalawo okutuusa enkeera, n'olunaku oluddako, oli wa ddembe okusigalawo okuyita mu ggandaalo ly'ennaku enkulu lyonna, oli wa ddembe okusigalawo okutuusiza ddala ku lusooka omwaka, oli wa ddembe okusigalawo, okutuusa nga omufunye.

165 Mu, byonna bye tunaabaluŋŋamya okukola enkya akawungeezi, nga tubalaga ebirina okubaawo nga azze, bijja kujja. Era bw'Anajja, wajja kuba tewakyaliiwo dayimooni zimala zisobola kukunyigiriza . . . Kubanga ojja kuba olina obukakafu nti osomose n'ova mu kufa n'oyingira mu Bulamu. Oli kitonde kiggya mu Kristo Yesu. Nga ebide by'omu Ggulu eby'essanyu bivuga.

166 Ow'oluganda Othal, nkukakasa, kikukoleeza n'obeera ku muliro. Wano waliwo omuvubuka atudde wano, mukulu wange, eyali kkondo eyatambulanga n'emmundu, nga ateega abantu mu bufo obwekusikufu, okubakuba amasasi abayiwe obwongo. Naye, kiki ekyabaawo? Lumu yatunula era n'akkiriza Obulamu. N'agenda mu maaso nga akkiriza. N'agobereranga enkuŋŋaana zange. Musajja wattu, nga talina na kya kulya

kimumala kumubeezaawo, nga agwa eyo mu ttale ku mabbali ga weema gye yeebaka, naye nga alumwa enjala n'ennyonta. Lwali lumu Omwoyo Omutukuvu n'ajja. O, muganda wange, kyakukyusa, si bwe kiri? Kyaleeta Obulamu, ne kiggyawo okufa. Obukyayi bwavaawo, okwagala ne kuyingirawo. O, bannange! Obulabe n'okulwana byonna byaggwaawo; Obulamu obuggya ne buyingirawo.

Tunuulira abalala abayitirivu abajjudde wano, n'abalala abayitirivu, n'eyo ebweru. O, ebide by'omu Ggulu eby'essanyu bivuga! Ab'emikwano, ssirina ngeri yonna gye nsobola kukinnyonnyolamu.

167 Muwulirize, kino nsobole okukivaako, bwe muba nga mukkirizza obujulizi bwange nga omuweereza wa Kristo, era nga ngezezaako okubalaga okuva mu Bayibuli ya Katonda nti ge mazima. Kaakano ebigambo byange bwe biwulikikamu nga ebitakkirizika ku nsonga eno, kale mutunuulire ebyogerwa bannassaayansi ku kifaananyi ekyo. Mwekkaanye ebibala, Empagi y'Omuliro eno eyakulemberanga Abaana ba Isiraeri, mwekkaanye ebibala by'Ebala. Mulabe by'Ekola, by'Eyogera.

Ssi nze ayogera; wabula Ye y'ayogera okuyita mu mmwe, mukiraba. Ssi nze alaba okwolesebwa; wabula Ye y'ayogera okuyita mu mmwe. Ssi nze awonya abalwadde; wabula Oyo ali mu mmwe, y'awonya abalwadde. Ssi nze abuulira; nze ndi mutiitiizi nnyo, n'okukirowoozaako obulowooza nti ŋŋenda kubuulira kintyemula omutima, wabula Ye y'anjogereramu. Ekigambo sikimanyi; naye Ye akimanyi. Bwe kiri. Bwe kiri. Bwe kityo bwe kiri.

Era Wuuyo awo. Era Malayika wa Katonda y'omu oyo waali wano mu kizimbe kino ekiro kino. Oo, nga mmwagala nnyo!

168 Kati, bameka abaagala okufuna Omwoyo Omutukuvu? Leka twekebejje obulamu bwaffe. Bameka abatannaba kumufuna, nga mwagala okumufuna? Yimusa omukono gwo, ogambe nti "Ow'Oluganda Branham, okuva mu buziba bw'omutima gwange, njagala kufuna Mwoyo Mutukuvu." Katonda abawe omukisa, yonna gye muli.

169 Bameka abaamufuna, nga mwandyagadde okukola nga bwe baakola mu Bikolwa by'Abatume 4, bwe baagamba nti, "Ai Mukama, Ai Mukama, golola omukono Gwo owonye, era olage obubonero n'ebyewuunyisa mu Linnya ery'Omulenzi Wo omutukuvu Yesu, era ompe obuvumu bwonna n'okwagala okusobola okwogera, awamu n'okujjuzibwa okuggya"? Weewaawo, n'ogwange, nagwo guuguno nguyimusizza. Ayi Katonda, nange mumpe.

Leka tukoteke emitwe gyaffe, mu bwesimbu obuviira ddala munda mu mitima gyaffe, nga buli muntu okutte mu mutima gwo okuyaayaana kwo.

170 Mukama waffe Yesu, tufundikira olukuŋŋaana luno ekiro kya leero, oluvannyuma lw'okuba n'okussa ekimu ku Kigambo awamu n'Omwoyo Omutukuvu. Nga Atuwadde omukisa era nga afukumudde munda mu mitima gyaffe amafuta g'Ekigambo Kye! Mu kifo kino waliwo abaweereza, waliwo abantu okuva mu mbeera zonna ez'obulamu, abalozezzaako era ne balaba nti Mukama mulungi. Kati tumanyi bulungi kiki Omwoyo Omutukuvu ky'ali, ye kisuubizo kya Katonda. Ye Bulamu Obutaggwaawo eri abo bonna abakkiriza.

171 Era tumanyi nga Omwoyo Omutukuvu ye Mwoyo ya Yesu Kristo eyasindikibwa akomewo gye tuli, era Ali mu ffe leero. Nga Katonda bwe yali waggulu waffe, mu Mpagi eyo ey'Omuliro; bwe yava awo n'Atambulako naffe, mu . . . mu mubiri ogwayitibwa *Emanweri*, "Katonda ali naffe"; era nga kati Ali mu ffe, okuyita mu Mwoyo Omutukuvu, Katonda mu ffe. O!

Yesu yagamba nti, "Ku lunaku luli mulitegeera nga Ndi mu Kitange, nammwe mu Nze, Nange mu mmwe. Ku olwo lwe mulikitegeera. Kubanga, wano muli mu nsi ejjudde ekizikiza, nga bwe tuyinza okukiyita, kati, naye ku lunaku luli mulikitegeera."

172 Kitaffe, kyali tekiyinza kulambululwa mu lwatu kubeera nti tukitegeera bulungi mu ngeri etuukiridde, kubanga bwe kyandibadde bwe kityo tetwandibadde na kitwetaagisa kuba na kukkiriza. Naye emirimu gya Katonda gyonna gifugibwa kukkiriza. Na bwe kityo olw'okukkiriza mu Kigambo Kyo, okuyita mu bukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu gwe tumanyi nti ali wano kaakano, nsaba nti buli mmeeme eri wano erumwa enjala ejjuzibwe n'Omwoyo Omutukuvu. Abo abatamulina, nga balumwa enjala baagala okumufuna, leka bajjukire kino nti . . . Tubagamba, ayi Mukama, bwetuti nga bwe Wagamba nti, "Mulina omukisa bwe mulumwa enjala n'ennyonta. Mulijjuzibwa." Ekyo kisuubizo. Ate nga kya mukisa n'okulumwa enjala. Muli ba mukisa n'okukimanya nti Katonda ayogedde nammwe, kubanga Ekigambo kigamba nti, "Tewali ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusoosa."

173 Era, ayi Mukama, eri abo abakadde abaazirwanako abali wano, baayimusizza emikono gyabwe. Nange ogwange nnaguyimusizza. Ai Mukama, tuwe embavu, tuwe Amaanyi okusobola okugolola omukono gw'Omulenzi Wo omutukuvu Yesu, obubonero n'ebyewuunyo bisobole okukolebwa, bubeere obuweereza obw'obuziba, ekintu eky'ekitalo ennyo okusinga ku ekyo ekyali kibaddewo. Tuwe obuvumu n'okwagala, okwogeranga eri abantu. Kituwe, ayi Mukama. Beera naffe mu bintu byonna, tusabye mu Linnya lya Yesu.

174 N'akawungeezi k'enkya, ayi Mukama, leka wabeewo okuwuuma kw'empewo okw'amaanyi, kukke mu kizimbe kino, lubeere nga olunaku olulala olwa Pentekoote. Omusingi

gumaze okuteekebwawo. Buli kimu kitegekeddwa. Ente ennume zittiddwa, ebya ssava bittiddwa, endiga ennume zittiddwa; olujjuliro lutegekeddwa, n'abagenyi bayittiddwa. Ai Mukama, weereza jubireewo ya Pentekoote, akawungeezi k'enkya, mu kizimbe kino, ojjuze buli mmeeme n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Kituwe, ayi Kitaffe. Tukisabye, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Tuliyiga ebintu bingi,
Tulibeera n'ennanga eya zzaabu,
Oba oli awo nga ya nkoba lukumi;
Tuliyimba, tulisaakaanya, tulizina amazina ne twetooloola,
Omwana gw'endiga alitusangula amaziga;
Tuliba ne wiiki nnamba ey'okudda eka ey'okujaganya,
Okumala emyaka omutwalo mulamba egisooka. (Amiina!)

Omusaayi ogw'omuwendo ogw'Omwana wa Katonda Omu yekka gunaazizza era ne gutukuza
Abantu ab'omuwendo olw'Erinnya Lye era bayitibwa Omugole.
Newankubadde nga wano tebabalibwa nga eky'amakulu era banyoomebwa, naye lumu Mukama aliyingiza
Abo abalonde okuyita mu mulyango, era ekyo kye kiriba kisinga obukulu mu byonna.

Lwaki Omwoyo Omutukuvu Yaweebwa? LUG59-1217

(What Was The Holy Ghost Given For?)

Obubaka Bw'okuyigiriza ku Mwoyo Omutukuvu obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwokuna akawungeezi, nga 17 Ddesemba, 1959, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org